

# *EKISUMULUZO KY'OLUGGI*

 Kya mukisa okubeera wano mu kkuŋŋaaniro! Nange, nnabaddle sikisubira. Nze, nnabaddle nkimanyi nti akawungeezi ka leero waliyo okulya okussa ekimu, bulijo njagala nnyo, bwe mbaako ne wendi okumpi, okujja mbeerewo mu kulya okussa ekimu. Kubanga ki...Ndowooza nti Abakristaayo bona basaanye okwetaba mu kulya okussa ekimu, kubanga Yesu yagamba nti, "Bw'otalya kussa kimu, tolina mugabo mu Nze." N'olwekyo, bulijo...guba mukisa gwa maanyi nnyo ddala o—okujja mu kkuŋŋaaniro. Era, akawungeezi ka leero, Ow'oluganda Neville yaŋŋambye nti eddoboozi lye lysaakaddemukko, era—era yansabye oba nga nsobola okwogera eri ekibiina. Ne mmugamba nti nnaasanyuka okukikola. Nnandyagadde n'okulangirira nti singa...

<sup>2</sup> Enkya akawungeezi wajja kubaawo olukiiko lw'abasajja, abayima, enkyo akawungeezi, wamu n'abasajja abasuubuzi aba wano mu kkanisa, mu olukiiko lwabwe lwe babeera nalwo buli Mmande ekiro wamu ne...balabe kiki kye bagenda okusalawo ne kontulakita. Nsuubira mwenna mukimanyi nti empapula za—za—zaffe ez'okusaba olukusa zakkirizibwa, era tugenda kusobola okuzimba ekkanisa. Kale zakkirizibwa, era ob'olyawo tuyinza okutandika wiiki eno. Okuzimba ekkanisa kwa kutandika wiiki eno, okusinziira ku kye mmanyi. Kati aba wano mu Jeffersonville, baatulemesa. Naye ne tugenda mu Indianapolis eri abatwala, essaza lyonna, bo ne batuwa olukusa, kale tugenda kugizimba. Kale okuzimba kujja kutandika, ob'olyawo, wiiki eno. Kijja kumanyibwa oluvannyuma lw'olukiiko lw'enkyo. Era kati oluvannyuma lw'olukiiko olunabaawo enkyo ekiro, bwe bataabeere ba kutandika wiiki eno, bwe wanaabaawo ekibaawo, kontulakita n'atasobola kutandika wiiki eno, kijja kuba kitegeeza wa kutandika wiiki eddako.

<sup>3</sup> Kati ku nkomerero ya wiiki eno ejja, ku Lwomukaaga akawungeezi, ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi, ebya wiiki ejja, ku Lwomukaaga luno olujja ne ku Ssande, Mukama nga ayagadde, njagala nziremu, mbeere ne—ne—n'enkuŋŋaanana ssatu eziddirijnjana, nga bwe twakola wiiki ntono eziyise. Awo oluvannyuma tu...Lujja kuba Lwamukaaga akawungeezi, ne ku Ssande ku makya, ne ku Ssande akawungeezi. Wiiki eno, nga kkumi na ssatu ne kkumi na nnya omwezi guno.

<sup>4</sup> Era okuva awo abamu ku b'oluganda wamu nange tujja kugenda oluvannyuma lw'ekiseera ekyo, mu Colorado, okugenda okuyigga, oluvannyuma tukomewo. Ekkuŋŋaaniro, bwe liriba liwedde okuzimbibwa, Mukama waffe bw'aliba ayagadde,

njagala ntwale, oba oli awo, wiiki nga nnamba nga sinnaddamu kugenda mu nkunjaana, njigirize ku *Obubonero Omusanvu* obw'omu Kubikkulirwa. Nga ssinnaba...Nga bwe twayiga ku *Mirembe Omusanvu egy'Ekkanisa*, kati ku luno tuyige ku *Obubonero Omusanvu* bugoberere emirembe Egyo.

<sup>5</sup> Era oba oli awo mu wiiki nga bbiri oba ssatu eziddako, kubanga nzijukira nga bagamba nti, ku basajja be bagenda okuteeka ku mulimu gw'okuzimba, basobola, tusobola okuzimba ekkunjaaniro ne litukwasibwa mu bbanga ly a nnaku nga kkumi, oba kkumi na ttaano, bwe watyo. Kitegeeza tujja kuba n'ekifo aw'okutuuza abantu ekigazi obulungi nga kyenkana kikubisaamu emirundi ebiri abantu be tulina, oba esatu, sinnakindi n'okusingawo. Era eyo y'ensonga lwaki mbadde nninda okutuusa mu kiseera ekyo.

<sup>6</sup> Kubanga, ku Lwomukaaga oluwedde ne ku Ssande, kyalí kizibu nnyo ddala, nga bwe mujjukira. Abantu baali bayimiridde wabweru wano ku ssaawa munaana ez'olw'eggulo, okujuza ekkunjaaniro, nga ekkanisa tennaggulwawo. N'enkeera, ku ssaawa kkumi n'emu ez'oku makya, waliwo omusawo mulirwana wange, eyajja, n'agamba nti, "Abantu baali bakubyeko okwetooloola ekkunjaaniro lyonna ku ssaawa kkumi n'emu ez'oku makya." Kale, ate ekibaawo, abantu bwe bayingira, ne basanga nga tewali kifo, baggwaamu amaanyi ne batambula ne bagenda. Ate—ate n'abo abaali bayimiridde, nga bakwatiridde bakoze omujjuzo mu nkuubo, nabo bawulira nga beenyigirizza okukamala, n'ebirala byonna. Era nnalaba abakazi nga bayimiridde awo, batuuyana, nga bwe mumanyi, bwe batyo, nga battulukuka entuuyo. Ne wabaawo omusaja n'asituka n'awaayo, akatebe ke n'abaako omukazi gw'akawa; ye n'ayimirira okutuusa amagulu lwe gaamulumanga, naye ne wabaawo omulala n'amuwa akatebe. Mulaba, kale ekintu bwe kityo, ate kikwasa ennaku, ssaako bamaama abalina abaana abalwadde n'abalala, kale si kirungi.

<sup>7</sup> N'olwekyo, tugezaako okumalawo ekizibu ekyo nga tuzimba ekkunjaaniro eddene. Era tujja kuba n'ekifo abaana abato, ebiseera ebimu...bataataaganya, nga abaana abato bwe bakaaba; naye, tujja kuba n'ekisenge kyabwe, bamaama mwe basobola okugenda, ne basigala nga balaba ebigenda mu maaso mu lukkurjaaana, nga amaloboozi gaweerezebwa buteree mu kisenge ekyo. Tujja kuba n'ebifo aba Ssande sukuulu mwe basomera na buli kimu kyonna nga kitegekeddwa bulungi nga bwe kirina okuba. Era ekyo, Mukama bw'anaaba ayagadde, kya kubaawo, wiiki eno ejja.

<sup>8</sup> Mwenna mwakiwigira kikumi ku kikumi, era ku ekyo kyennyini kwe twanywerera, mukiraba. Ekkanisa y'erina obuyinza obw'enkomeredde. Ekkanisa ky'egamba, ky'ekyo. Abayima oba omuntu omulala yenna...Abayima, buli omu, alina akalulu kamu. N'omusumba alina akalulu kamu. Ekkanisa

y'esalawo, oyo ye—ye demokulasiya w'ekkanisa, okwemalirira kw'ekkanisa. Ekkanisa, yonna awamu, y'esalawo. Kiba ky'ekyo. Era ekyo tukyagala, kubanga tetulina ba bisopu na mitendera gya bukulembeze oba abalabirizi oba abalala ab'engeri yonna okutugamba *kino*, *kiri*, oba *ekirala*. Omwoyo Omutukuvu mu kkanisa, y'ayogera. Ekyo nkyagala nnyo, era kirungi nnyo.

<sup>9</sup> Era nnababuza nti, “Mwenna mwandyagadde tulindeko okutuusa nga tufunye ssente ezimala tusooke tusengule ekkunjjaaniro tulizze awalala tulyoke tuzimbe ekkanisa esinga ku eno obunene?” Obwo bwali buvunaanyizibwa bwa kakiiko k'abayima, naye abayima ne batasobola kukola kusalawo. Kye baava bansaba, nga omulabirizi, okujja mbuuze ekkanisa. Kye nnava nzia ne mbagamba nti, “Kati tulina ssente ezimala okugaziya ekkanisa n'okugikyusa yonna, na buli kimu kyonna, okwawukana ku gye tubadde nayo.” Ne mbagamba nti, “Kati ekyo tusobola okukikolerawo mu kiseera kino, oba ssente zaffe tusobola okuzitereka ne tugira nga bwe tukunjjaanya okutuusa lwe tuliweza ssente ezimala okuddamu ne tuzimba ekkanisa yonna, empya, mu kifo ekirala.”

<sup>10</sup> Era twakikubako akalulu mu kkanisa, era fenna wamu ne tukkiriziganya “tutandikirewo okuzimba ekkanisa kati, era ne kisalibwaawo nti tuzimbe ekkanisa esingako obunene kati.” Era ekyo kye tunywereddeko.

<sup>11</sup> Era akakiiko wano mu Jeffersonville baatulemesa, ne batugamba tetusobola kukikola. Akakiiko ako ne tukavaako, ne tugenda mu Indianapolis ne tukiyinggaamu akakiiko ak'Essaza lyonna. Ne batuweereza obubaka ne bagamba, nti, “mugende mu maaso,” tuweereddwa olukusa okugizimba. N'olwekyo kati ab'akakiiko akatwala ekibuga tekakyakivunaanyizibwako, wabula kati akakiiko ak'Essaza ke kakivunaanyizibwako. Kale kati tulina olukusa, ne kontulakita naye alina o—olukusa mu buwandiike we twogerera, era nzikiriza beetegefu okutandika essaawa yonna.

<sup>12</sup> Oluvannyuma lw'olukiiko olunaabaawo enkyo akawungeezi, kontulakita bw'a—bw'anaagamba nti ayagala kutandika wiiki ejja, enkuunjana nja kuzisazaamu olwa...okutuusa lwe tunaatuuka mu *Obubonero Omusanvu*. Naye kontulakita bw'anaaba tasobola kutandika wiiki ejja, awo ku Ssande ejja, ku Lwomukaaga ne ku Ssande, nja kugenda mu maaso n'olukunjaana nga sinnaba kugenda.

<sup>13</sup> Era kati nnali wa kubeera nalwo Ssande eno, naye ate ne nkizuula nti akawungeezi ka leero waliyo okulya okussa ekimu akawungeezi, bwentyo Ssande eno ne ngisazaamu. Kubanga, bwe muba n'ekibiina ky'abantu abangi bwe batyo, temusobola kulya kussa kimu nga mutudde bulungi, naye bwe tunaafuna ekkanisa enneneko tujja kusobola okukikola.

<sup>14</sup> Kati, tulina Pulezidenti agenda okuddako. Ye...ha, mumanyi kye ntegeeza, yaakaweebwa eri ab'enju ya ba Hickerson ebbanga si ddene eriyise. Kati mwannyinaffe omukubi w'ennanga, nja kumusaba aije atuwe eddoboobi ly'oluyimba ku nnanga, olugamba nti "Mubayingize Munda," bw'aba asobola, oba akayimba konna akagwa mu ttuluba eryo. Omwami ono omuto okuva mu maka ga ba Hickerson, abadde alindirirwa okumala ebbanga eddene, atuuse. Mwana alabika obulungi ennyo ddala, era mazima ddala wa muwendo eri ab'ennyumba ya ba Hickerson. Era bona ba muwendo gye tuli, tubaagala era ddala omu muganda waffe n'omulala mwannyinaffe. Tuli basanyufu nnyo olw'okuzaalibwa kw'omuto ono mu maka gaabwe, nga eky'amazima aleeseeewo enkyukakyuka ey'amaanyi mu maka. Kale, kaakano taata ne maama basobola okuleeta omuto ono awongebweyo. Kati, Ebyawandiikibwa bigamba nti, "Ne baleeta gy'Ali abaana abato, abawere, abasseeko emikono Gye abawe omukisa."

<sup>15</sup> Kati, waliwo abantu mu nsi abakkiririza mu kye bayita "okubatiza abaana abato." Era, nga kye bakola, baddira abaana bano abato ate n'okubabatiza tebabatiza, kubanga, babamansirako bumansizi mazzi. Kati, ekyo tetulina wantu wonna mu Bayibuli we tukisanga, we baali bamansidde amazzi ku muntu yenna, omukulu, nga eky'abaana okyakitadde ku bbali.

<sup>16</sup> Kati n'olwekyo okubatizibwa kuba kwtula okulaga nti omulimu ogw'omunda ogw'ekisa gukoleddwa. Naye abaana abato tebamanyi kibi. N'olwekyo, Yesu bwe yafa ku musaalaba, yafa okuggyawo ebibi by'ensi. Naye omwana omuwere bw'afuuka omuntu, n'azaalibwa mu nsi eno, taba na kibi kikye ku bubwe, n'olwekyo aba talina kye yeetaaga kwenenya. Naye, ekyo, ekibi ekyo Omusaayi gwa Yesu Kristo gukiggyawo. Weewaawo, omwana azaalibwa mu kibi, abumbibwa mu bujeemu, n'ajja mu nsi nga ayogera bulimba, kale abeera mwonoonyi olw'obuzaaliranwa, naye Omusaayi gwa Yesu Kristo ekibi ekyo gukitangirira. Naye omwana bw'atuuka ku myaka egypt'okuvunaanyizibwa, nga ayawula ekirungi n'ekibi, olwo abeera alina okwenenya olw'ebyo by'aba akoze. Naye ekibi ky'alina kati ky'ekibi eky'okuba nti yazaalibwa mu kibi, ky'ekibi eky'obuntu, ekibi ekyo ky'ekibi Adamu ne Kaawa kye baakola; ate ekyo Katonda yakisangulawo, olw'Omusaayi gwa Yesu Kristo. Kaakano omwana omuwere talina kibi kya kwenenya okutuusa lw'alyonoona, bw'alyonoona awo aliba alina okwenenya. Mukiraba? Era bw'alyenena, ky'ekiseera lw'alibatizibwa, era alina kubatizibwa nga annyikibwa.

<sup>17</sup> Okutuusa mu kiseera ekyo, tulina kugoberera biragiro bya Bayibuli, ebigamba nti, "Ne baleeta abaana abato eri Yesu, Abateekeko emikono Gye abawe omukisa." Omuzadde ono omwagalwa akawungeezi kano aleese omwana ono omuwere eri

omusumba wamu nange, okumuwongayo. Era bawulira nti bwe bamuteeka mu mikono gy'abakiiririra Kristo, baba bamutadde mu mikono gya Kristo. Na bwe kityo, olw'okukkiriza, tuwaayo omwana eri Katonda, okumwebaza olw'okumuleeta wano, ne tusaba Katonda amuwe omukisa, kye tuyita "okuwongayo abaana abato."

<sup>18</sup> Kati, mumanyi kye nnandikoze singa babadde baana bange bennyini. Nnina omuwala omuto ali mu Kitibwa akawungeezi kano, era yawongebwayo eri Mukama, wano ku woluntaali. Nnina omulenzi omuto n'omuwala omuto abatudde emabega eyo, akawungeezi kano, abatannaba kubatizibwa. Omu, wa myaka kkumi na gumu, mbadde njogera naye ku nsonga eyo olwa leero, Saala, nga twogera ku kubatizibwa. Ate Joseph ye alina musanvu gyokka, kale akyali muto nnyo okubatizibwa, okutuusa... Singa awulira nti akyagala, n'agamba nti Katonda akitadde ku mutima gwe akikole, awo nsobola okukikola. Naye, nga abaana abato, mbawongayo buwonzi eri Mukama, kubanga Ebyawandiikiba bwe bityo bwe biyigiriza ku nsonga eyo.

<sup>19</sup> Ow'oluganda Neville, kaakano nkusaba ojje nange tugende eri omulenzi ono omulungi. Mbadde ntidde... Oyo Hollin? Hollin? Weewaawo, Hollin, Omuto. Stephen Hollin. Kale, ekyo kirungi. Ha, mbadde ndowooza yeebase. Obwo bwe butonde bwa ba Hickerson, bwe wabaawo ekintu kyonna ekgenda mu maaso. Nnamulaba luli, ne mmuyita "Pulezidenti," n'ebirala bwe bityo. Kati, weewaawo, ekyo kyali kitono nnyo gy'ali, olaba, okumuyita "Pulezidenti." Oli otya? Naye, mmanyi nti ekyo kiteekwa okuba kya muwendo eri maama yenna atya Katonda. Si bwe kiri? Kirungi nnyo. Kaakano, Ow'oluganda Hickerson ne Mwannyinaffe Hickerson, nga omuweereza wa Kristo, nga omusumba wammwe, nteeka omwana ono, olw'okukkiriza, mu mikono gya Yesu Kristo, mu mikono gy'Oyo mwe mwagala okumuteeka.

<sup>20</sup> Leka tukotekete emitwe gyaffe nga omusumba nange bwe tuyimiridde wano nga tutadde emikono gyaffe ku mwana.

<sup>21</sup> Kitaffe ow'omu Ggulu, mu Bayibuli baaleeta gy'Oli abaana abato, nga baagala Obateekeko emikono Gyo era obawe emikisa. Era mazima ddala, Mukama, baaweebwa omukisa. Era kaakano mu kugoberera eky'okulabirako Kyo, ebintu bye Wakola, tugezezzaako nnyo, ayi Mukama, okusoma Bayibuli n'okugoberera eky'okulabirako ky'ebyo bye Wakola. Era taata ono ne maama ono, Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Hickerson, abayigirizwa baffe abaagalwa mu kkuñjaaniro wano, baleese gye tuli ekirabo kino eky'essanyu ky'otadde mu mikono gyabwe okulabirira. Kivudde eri Ggwe, ayi Mukama. Ggwe wabawa omwana ono. Era kaakano baagala okuwaayo obulamu bwe gy'Oli, bubeere obw'okukuweereza. Nkusaba Owe omwana ono omukisa, Omuwe okuwangaala. Nsaba awangaale, bwe kiba kisoboka, alabe Okuja kwa Mukama waffe. Nkusaba Omuwe

omukisa yonna gy'anaabeeranga. Nsaba akuzibwe mu maka Amakristaayo, era nga bwe kiri nti mw'azaaliddwa. Era leka asigale mu maka gano. Nsaba kitaawe ne nnyina babeerewo nga balamu okulaba omwana ono nga ali mu kituuti, bwe kiba kisoboka, nga abuulira Enjiri. Waakiri balaba ekyo, ayi Kitaffe, okusinga okumulaba nga atudde ku—ku ntebe mu Maka g'omukulembeze w'eggwanga ly'Amerika mw'atuula, oba awantu awalala wonna, kubanga bawereza Bo, era bayaayaana okulaba nga obulamu bw'omwana waabwe buwongebwayo era bubeere bwa mukisa eri omulimu gwa Katonda.

<sup>22</sup> Kaakano nkusaba, ayi Kitaffe, nti Owe omwana ono omukisa. Era nsaba ekisa kya Katonda kimukkeko, era nsaba abeere n'obulamu obulungi era abeere musanyufu obulamu bwe bwonna. Era nsaba taata ne maama babeerewo okumulaba nga akuze, tukisabye nate. Wa omukisa oyo gwe tuwadde omukisa mu Linnya Lyo.

<sup>23</sup> Era kaakano, omuto Stephen Hollin Hickerson, nkuwaayo eri Yesu Kristo, nti emikisa gye tusabye gikukkeko. Beera n'obulamu obulungi era w'amaanyi, muto wange, era obeere mulamu olw'okugulumiza Katonda. Mu Linnya lya Yesu Kristo tukisabye. Amiina.

Katondaakuwe omukisa. Katonda abawe omukisa mwenna. Mwana mulungi nnyo.

Eyo gye tutalikaddiwa, tetulikaddiwa,  
Mu nsi eyo gye tutalikaddiwa;  
Tetulikaddiwa, tetulikaddiwa,  
Munsi eyo gye tutalikaddiwa.

<sup>24</sup> Tekiriba kya kitalo nnyo? Abato balifuuka bakulu, ate abakulu bafuuke abato. Kaakati, ekyo si kya kitalo? Era tetulirwala, yadde okunakuwala, oba okufa.

<sup>25</sup> Kati, enkunjaana, Ow'oluganda Neville yamaze okuzirangirira. Kati, nange njagala okulanga nti, olukunjaana olwo, temulwerabira, wamu n'enkujaana z'ayogeddeko. N'ekirala, Muky. Ford eyasabiranga mu kkanisa eno emyaka egiwerako emabega, mbadde nnaakamutwala ewa muwala we, ennaku ntono ezaakayita, era aweza emyaka kinaana, kale yagenze okusisinkana Mukama waffe ekiro ekyakeesessa olwa leero, ndowooza ku ssaawa bbiri. Era enkunjaana z'okumuziika, nze n'omusumba ffe ab'okuzikulemberamu mu ssinzizo lya kampuni ya Coots ekola ku by'okuziika ku Lwokusatu, ku ssaawa nnya—nnya n'ekitundu, ku Lwokusatu luno olujja. Muky. Ford, Muky....Ndabika nneerabidde erinnya lya...Levi, Muky. Levi Ford. Oyo...Ye—ye maama wa Lloyd Ford gwe mulaba mu kitabo kyange, eyali agenda okunfunira essuuti eri ey'Abasikawutu, gye nnali nsigazzaako okugulu okumu kwokka. Kati, oyo ye maama w'omulenzi oyo. Kale luli

namutwala ne tusaba wamu naye, mukazi wattu bambi. Naye kati yagenze okusisinkana Mukama waffe Yesu.

<sup>26</sup> Kati, Mukama bw'anaaba ayagadde, mbaddeko n'ekintu wano kye njagala okulangirira nti enkuunjaana, bwe ziba za kubaawo wiiki eno ejja, bwe mba nga nnazitaddemu, manya nzikiriza nnazitaddemu, ezikwata ku kye mbadde njenda okwogerako e—e—eky'okubaawo, ez'olukunjaana luno olujja olwa wiiki ejja. MBA—mbadde ndowooza.... Obwedda ndowooza nalutadde mu kitabo kino, simanyi oba nnalutaddemu oba nedda. Weewaawo, luuluno. Mukama nga ayagadde, ku Lwomukaaga akawungeezi njagala mbuulire ku ky'okuyigako ekigamba nti *Lwaki Omuntu Omu Akyusa Obulamu Bu'omulala*. Ate ku Ssande ku makya njagala mbuulire ku *Okutikkira Piramiidi*. Ate ku Ssande akawungeezi njagala mbuulire ku *Omuluuyamya Wange*, omutwe ogugamba nti, *Omuluuyamya Wange*, akawungeezi ka Ssande eno ejja. Kati nsaba Mukama awe omukisa ebantu ebyo era annyambe, nga bwe mbadde wabweru, n'okukola omusingi okusobola okubiggyayo obulungi.

<sup>27</sup> Kati akawungeezi kano, twagala twanguwe tubeeko n'ebantu ebitonotono. Ye n'ekirala, nnina wano ebbaluwa e—ebadde yaakaweerezebwa, Billy bw'abadde agenze okuzikima mu kaseera katono akayise, nti waliwo ab'oluganda abamu e Michigan, era ebbaluwa eno evudde mu kibiina ekigatta abaweereza nti ab'oluganda abo balina ebantu bingi bye babeemulugunyaako. Nti be baviiriddeko ebantu okutabanguka, mukiraba. Nti, bagamba mu bbaluwa wano nti erudda eyo waliyo ab'oluganda abagamba nti nze nnabasindikayo, era babuulira nti abasajja balina okwawukana ne bakyala baabwe banooanye ababeezi baabwe abaabatonderwa mu mwoyo, era mbu—mbu nze ntuukiride sikola nsobi. Nti tewali kintu kyonna.... Era, ha, mulimu ebantu ebisingayo obubi bye wali owulidde. Kale ekibiina ekigatta abaweereza baabiwlira, era bampandiikidde ebbaluwa ekwata ku nsonga eyo, era nti nze nnabasindikayo era baleesewo okutabulwatabulwa okungi ddala. Nga n'abamu balagula n'okulagula oli n'agamba nti omusajja omu ayawukane n'omukyala *ono* agende awase *oli*. Kati, ekkanisa eno ekimanyi nti tetukkiriziganya na busirusiru bwa kika ekyo.

<sup>28</sup> Tukkiriza mu Bayibuli. Tukkiriza nti omusajja bw'awasa omukazi, omukazi oyo y'aba mukyala we, era kufa kwokka kwe kusobola okubaawukanya. Ky'ekyo kyokka. Tetukkiriza mu bintu bya ngeri eyo. Tetukkiriza na mu kwenyigira mu nsonga za mukwano, wabweru wa bufumbo. Tetukkiriza mu bintu bya ngeri eyo. Tukkiriza mu Bayibuli yokka, era Yo yokka. Kale nja kwokesaamu, ebbaluwa eno, mpeeyo okwanukula kwange ku nsonga eno mbiweeyo bikubibwe mu magaziini ez'enjawulo, era ekyo ki—kinaayanukula ensonge eyo. Weewaawo, nsuubira

kinaakikola, kinaabaanukula.

<sup>29</sup> Kati akawungeezi kano, nga tetunnabikkula Byawandiikibwa, leka twogere ne Mukama waffe.

<sup>30</sup> Kitaffe ow'omu Ggulu, tuja eri Entebe Yo ey'ekisa, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, Oyo Omukulu Eyava mu Kitiibwa okutubikkulira ekkula ly'obugagga bwa Katonda. Nga tukwebaza nnyi olwa Yesu ono omukulu Eyali okulabisibwa kwa Katonda, mu nkula ey'omuntu gye tuli, era okuyita mu Ye tulina obununuzi okuva mu bibi byaffe. Era kati twasomoka ne tuva mu kufa ne tuyingira mu Bulamu, kubanga tumukkiriza. Kubanga kyamuwandiikibwako, nti Yagamba nti, “Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe; era talijja mu musango, wabula aba asomose n'ava mu kufa n'ayingira mu Bulamu.”

<sup>31</sup> Tukusaba owe omukisa Ebigambo Byo, akawungeezi kano, ayi Mukama. Era tuli wano okulya okussa ekimu mu kaseera katono okuva kaakano. Abakristaayo, batuuze bannange ab'Obwakabaka bagenda kukunjaana wamu ku wolutaali, balye kye tuyita “okussa ekimu,” e—ekitundu ekitono ekya—eky'omukolo guno omutukuvu gwe Watulekera, okulaga nti tukkiriza nti Wafa ku lw'ebibi byaffe, era n'ozuukira ku lunaku olw'okusatu, era oli mulamu emirembe gyonna, n'okukikola okutuusa lw'Olikomawo, okusinziira ku Byawandiikibwa nga bwe twalagirwa. Tukusaba otukuze emitima gyaffe okuva eri ebirowoozo ebibi wamu n'ebyo byonna bye tukoze ebikontana n'okwagala Kwo okukulu. Ayi Kitaffe, tusonyiwe, era otuwe ekisa Kyo akawungeezi kano. Tumenyeremenyere Omugaati ogw'Obulamu, mu Kigambo, nga bwe tukisoma era nga bwe tukyogerako. Tukisabye, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu. Amiina.

<sup>32</sup> Kati mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, okutandikira ku lunyiriri lumu lwokka, njagala nsome olunyiriri olwa 20, manyanga olunyiriri 1 olw'essuula eya 20.

*Ne ndaba malayika ng'akka okuva mu ggulu, ng'alina  
ekisumuluzo ky'obunnya obutakoma n'olu jegere  
olunene mu mukono gwe.*

<sup>33</sup> Kati njagala okwogera, bwe kiba kya, bwe mba wa kukiyita kyakuyigako okuva mu kino, manya bwe mba wa kufuna kyakuyigirizaako okuva mu kitundu kino kye tusomye, okumala eddakiika amakumi abiri oba abiri mu ttaano eziddako, nandyagadde okukiwa omutwe ogugamba nti, *Ekisumuluzo Ky'Oluggi*. Kati, ssandyagadde ku—kukiyita “bisumuluzo,” kubanga Peetero yaweebwa “ebisumuluzo by'Obwakabaka.” Naye kino njagala kukiyita: *Ekisumuluzo Ky'Oluggi*. Era amangu ddala nga kino kiwedde, njagala mbeeko ebigambo ebitonotono bye njogera ku kulya okussa ekimu, nga tetunnalya kussa kimu akawungeezi ka leero.

<sup>34</sup> Kati, ekisumuluzo. Nneetegerezza wano bwe tubadde tusoma, nti Malayika ono yakka okuva mu Ggulu, nga alina ekisumuluzo mu mukono gwe. Nzirkiriza kiri mu Kubikkulirwa 13 oba 19, tulaba nate, Malayika omulala nga ajja n'ekisumuluzo. Era ekisumuluzo kiba, ekigendererwa ky'ekisumuluzo, kwe kubaako kye kiggula, ekintu ekibadde kigaddwa, oba ekintu ekirina okuggalwa. Naye ekisumuluzo kiweebwa lwa kigendererwa ekyo.

<sup>35</sup> Kati, waliwo ebisumuluzo bya ngeri nnyingi, kubanga tulina emigaso mingi egy'ebisumuluzo. Waliwo ebisumuluzo ebiggula amaterekero. Waliwo ekisumuluzo ekiggula ennyumba yo, waliwo ekisumuluzo ky'emmota ko yo. Kati byonna tubiyita bisumuluzo, era biba bisumuluzo. Kati emirundi mingi, bisobola n'okusazisibwamu ebisumuluzo ebirala. Oba eky'ennyumba, emirundi egimu basobola okukola, ekisumuluzo kye tuyita, ekisumuluzo nnantalemwa. Mu ngeri endala, ky'ekisumuluzo ekiba kyakolebwa nga amannya gaakyo, ge kikozesa, ga—galina engeri gye ganyoolamu kkufulu ne kiba nga kyenkana kisobola okuggula oluggi lwonna, ekyo ky'ekiyitiba "ekisumuluzo nnantalemwa." Kibeera kisumuluzo nnantalemwa ekibaamu ebika by'ebisumuluzo eby'enjawulo, era kisobola okukozesebwu okubaako ne kye kisumulula mu ngeri eyo, eby'amayumba gaffe ob'olyawo n'ebi'emmota zaffe, nabyo bisobola okusazibwamu ebirala. Kati waliwo ne . . .

<sup>36</sup> Tewali kisumuluzo kyonna kisobola kubaako luggi lwe kisumulula okutuusa nga waliwo omukono ogukikozesessa. Wateekwa okubaawo ekikozesa ekisumuluzo ekyo. Ekisumuluzo nga kyo tekisobola kwekozesesa. Wateekwa okubaawo ekintu ekikozesa ekisumuluzo.

<sup>37</sup> Kiringa akazindaalo kano kwe—kwe njogerera. Akazindaalo ako tekoogera. Okuggyako nga waliwo ekikoogereddemu, kko ku bwako tekasobola kweyogereramu. Wateekwa okubaawo ekikoogereramu. N'olwekyo, akazindaalo si ke koogera, wabula ddoboozi oba o—okuleekaana (okuli emabega waako) akazindaalo bye kawereza eri—eri amayengo g'empewo, ne bituuka ku kutu kwo.

<sup>38</sup> Kati, bwe kityo bwe kiri mu kubuulira Enjiri. Si ffe nga ffe, abawereza, si ffe Njiri. Naye ffe tuli byuma ebikozesebwu okukasuka Eddoboozi lya Katonda okuyita mu mukutu gwaffe, nga abantu, okutuuka eri oyo awuliriza.

<sup>39</sup> N'okwolesebwu bwe kutyo bwe kuli. Mu kaseera kano sirina kye mmansi kya kugamba kkanisa ku bikwata ku kwolesebwu. Naye singa Omwoyo Omutukuvu, asooka n'andaga, okwolesebwu, awo nga okwolesebwu okwo ndyoka nkuweereza eri oyo gye kuba kulagiriziddwa. N'olwekyo kuba tekubadde kwange, nze, okwolesebwu okwo aba tabadde nze, nga omuntu. Wabula Katonda y'aba ampadde okwolesebwu okwo, olwo nze

ne nkola nga omukutu, oguweereza obubaka, ne ntambuza obubaka bw'okwolesebwa okwo ne mbantuusa eri abantu.

<sup>40</sup> Kati, n'ekisumuluzo bwe kityo bwe kiri. Munsonyiweko. Ekisumuluzo kirina kukwatibwa mukono oguggulawo oluggi. Mukiraba, gulina kuba mukono. Kaakati, era mu kisumuluzo kye ḥnjenda okwogerako akawungeezi kano, waliwo omukono gumu gwokka ogusobola okukwata ekisumuluzo kino, era ogwo gwe mukono ogw'okukkiriza. Kye kintu kyokka ekisobola—ekisobola okukwata ekisumuluzo kino. Kati emikono gikwata ebisumuluzo ebirala, naye kino kyo kirina kukwatibwa mukono gwa kukkiriza.

<sup>41</sup> Kati, leka tulabe eky'okulabirako ky'ekisumuluzo eky'amagezi. Kati, omuntu alina, bw'aba agezaako okufuna amagezi, mukiraba, kati, waliwo ekisumuluzo ky'ekyo. Waliwo ekkubo omuntu ono ly'alina okuggulawo. Alina... okufuna ebitabo bye n'ayiga, naye tayinza...tewali ayinza kumutegeerera. Basobola okumusomesa, naye alina okwetegeerera. Era engeri yokka gye kisobola okukolebwamu, alina okukwata ekisumuluzo ekyo, ekintu ekyo ekibeera mu ye ekyerula oba eki-...ekimubikkulira amagezi g'anoonya.

<sup>42</sup> Kati waliwo n'abantu ababa baagala okukuba ennanga, naye nga ba...oba myuziki. Naye nga tebamanyi ngeri ya kukikolamu, naye basobola okugenda eri omusomesa n'abayigiriza ssomo ku ssomo, naye n'ebalema okuyiga. Tebasobolera ddala n'akatono kukwata kisumuluzo kya kyama ekyo, engeri eddoboozi wamu n'okukwasaganya amaloboozi na buli kimu okuvuga. Kyetaagisa kisumuluzo.

<sup>43</sup> N'essomo ly'okubala, waliwo ekisumuluzo ky'essomo ly'okubala, ky'olina okwekwatako. Ndabyeko abasajja abasobola okuddira ennyiriri nnya ez'emiwendo, ne bateeka engalo zaabwe, buli lumu ku ngalo zaabwe ne baluteeka ku lunyiriri lw'emiwendo, ne bajja nga bwe bakkirira wansi bwe batyo okutuuka oba oli awo ku ffiga taano oba mukaaga okukkirira wansi, ne bateeka ansa wansi ku ntobo. Nga babala ennyiriri nnya omulundi gumu, okuva ku emu okutuuka ku mwenda. Nga, nze n'olunyiriri olumu luti lunkaluubirira okubala, okuggyako nga nnina engalo ezimala nga kw'otadde n'obugere obw'okubala, oku—okusobola olunyiriri olumu luti. Ekisumuluzo ekyo kyannema okuzuula. Naye, olaba, waliwo abamu ku bo abalina ekisumuluzo ekyo, bamanyi engeri y'okukikolamu.

<sup>44</sup> Waliwo n'ekisumuluzo ky'amagezi, eri omuntu, anoonya amagezi. Waliwo ekisumuluzo kya saayaansi, eri okunoonyereza kwa saayaansi. Kati, waliwo, ekisumuluzo ekyo kikulu nnyo. Ekisumuluzo ekyo abantu bakinoonya.

<sup>45</sup> Okugeza jjuuzi wano baavumbula ka atomu, ne bategeera nti waliyo bu atomu, era nti bu atomu obwo bwe bukola molekyu

n'ebirala. Kati, bwe baava awo ne batandika okunoonyereza, waliwo eyali akkiriza nti singa ka atomu ako bwe kaba ke kakwatira awamu ebintu byonna, nti ka atomu singa kasobola okukyusibwa, kisobola okuleetera ekyo kye kaba kakutte okumenyebwamu. Kubanga, tukimanyi nti, buli kimu kiwaniriddwa ka atomu ako. Kati, empagi eyo ekoleddwa bu atomu. Ggwe kennyni okolebwa bu atomu. Omuddo, emitii, buli kintu kigatiddwa wamu na bu atomu. Kale, singa ka atomu ako, bwe kabaako engeri gye kaakolebwamu, singa kamenyebwa ne kazzibwa emabega, kaba kasobola okuzikirira. Era, kati, bannasaayaansi abakugu bakkiriza nti ekyo kyali kisoboka okukolebwa, era baakola ne bakola, ne batuula okumala essaawa n'essaawa, wiiki ku wiiki, mwaka ku mwaka, okutuusa lwe baamaliriza nga bakamezze.

<sup>46</sup> Nzirkiriza, yali, Thomas Edison, ku kitangaala, gwe bagamba nti yalina amagezi ag'ekitalo okutuusa okuba nti yasobola okukola ekitangaala nga akijja mu masannyalaze. Ye yavumbula balubu ekozesza amasannyalaze. Era teyebakanga ekiro. Yakwatanga sandiwicii mu ngalo nga gy'alya nga emmere ye, n'atuula awo n'atakula obwongo nga bw'akola. Awantu awamu mu buziba mu bwongo bwe, mwalimu ekintu ekyamugamba nti asobola okukikola. Ekyo kye kiki? Ekyo kye kisumuluzo ekisobola okuggulawo ekkubo.

<sup>47</sup> Emyaka si mingi egiyise, waaliwo o—omusajja eyali akkiriza nti alina ekitone eky'okukuba bukatuuni obusesa. Yali akkiriza nti alina ekisumuluzo ekyo mu mukono gwe. Era yali ayagala...yagenda...yali abeera mu Kansas. Yagenda eri omukunjaaanya w'olupapula olw'atiikirivu ennyo mu Kibuga Kansas, n'amutwalira ku bimu ku bye yali awandiise. Omukunjaaanya n'amugamba nti, "Ssebo, amazima gali nti tekikuliimu. Ggwe, teweetaaga na kugezaako, amazima gali nti to—tokisobola." Naye ekyo tekyamumatiza. Ye yali akimanyi nti akirina. Bw'atyo yabeeranga addayo emirundi n'emirundi, nga agezaako, naye era nga (omukunjaaanya) amugoba bugobi. Ku nkomerero ya byonna, n'agendako ne mu bifo ebirala, era nabo ne bamugoba, nga bamugamba nti, "Mukulu, ekituufu kiri nti tekikuliimu. Tokisobola." Naye ate ye yali akkiriza nti asobola okukikola. Era eyo y'engeri y'okukikolamu, yalina ky'alina mu mukono gwe! Oluvannya, n'afuna omulimu ogw'okubaako akawandiiko k'awandiika, nzirkiriza, nga obubaka bw'omukunjaaanya oba ekintu bwe kityo eky'ekkanisa, mu ngeri y'akatabo k'ekkanisa aka bukatuuni obusesa. Bw'atyo n'apangisa galagi entonotono eyali efumbekeddemu emmese, omwali emmese nga zeetawula ziva eno zidda eri, bwe zeetawulira mu mpapula ze, n'abaako akamese akamu ak'enjawulo ke yeetegereza. Awo we waasibuka emboozi ya Mickey Mouse. Era kati ye nnagagga ayitibwa Walt Disney. Lwaki? Yalina kye yalina mu mukono gwe, era yali

akimanyi nti akirina, yali akimanyi nti asobola okukikola. Era eyo y'engeri buli buwanguzi obw'amaanyi gye butuukibwako. Abasajja n'abakazi bwe babaako ne kye balina mu mikono gyabwe, nga bakakafu nti basobola okukikola.

<sup>48</sup> Polio bwe yalumba eggwanga. Era, kati fenna tulagirwa okugenda okugemebwa, okusobola okumulinnya ku nfeete. Bwe twalumbibwa obulwadde bwa polio...Eggulo nnina dokita gwe nnabadde mpuliriza bwe nnabadde nvuga, dokita omu okuva mu Louisville. Yagambye nti, "Emyaka mitono egiyise, Louisville bwe yagwaamu kawumpuli ow'amaanyi," n'agamba nti, "singa abantu baayimirirako we nnayimirira, ne balaba ku byuma ataano mu musanvu ebyeyambisibwa okussizaamu, ne balaba abasajja, n'abakazi, abalenzi n'abawala, abagongobala olw'obulwadde obuyitibwa 'polio,' nga tewaali kya kubukolera." N'agamba nti, "Ssaagala kuddamu kulaba mbeera eyo."

<sup>49</sup> Naye bannasaayaansi ne balowooza nti, "Bwe waba waliyo ekintu ekibi obwenkanidde awo nga polio, mazima ddala wateekwa okubaawo ekintu ekisobola okumwerjanga." Ne bafuba, ne bayimirira ku nguudo nga bambadde magetisi, abazimywamoto abo, ne baggyako enkofiira zaabwe, ne beegayirira, ne bayisibwa bubi, ne bakola buli kimu kyonna, nga bagezaako okunoonya ekisumuluzo eky'okuggulawo oluggi eri eddembe. Era oluvannya, omwami omu Omukristaayo eyali ayitibwa Salk n'avumbula eddagala erimugema. Lwaki? Waaliwo akabi akaali kabatadde ku bunkenke, waaliwo omussi eyali abatadde ku bunkenke; naye waaliwo ekisumuluzo awantu awamu ekyali kisobola okuleetera abantu eddembe nate, era eddagala lya Salk ery'okugema eryavumbulwa bwe bwali obujjanjabi obukulu. O, ekisumuluzo nga kisobola okukola ebikulu! Eddagala erigema lyavumbulwa, era kati polio bagenda bamulinnya ku nfeete, kubanga kyava mu "butakoowa n'obutawanika," ekisumuluzo ekyo kirina we kyali. Waaliwo ekintu ekyali kisobola okumugema, era baali bamalirivu okukizuula.

<sup>50</sup> Era kati bwe waba wabaddewo ebintu ebibi ennyo obwenkanidde awo nga polio, ekiziyiro, kawaali, omusujja gw'enkaka, mulalama, mulalama, n'ebirala, nga bannassaayaansi, ebintu bino ebibi, basobodde okubirwanyisa, emisana n'ekiro, okutuusa lwe baaazuula eddagala eribigema, kubanga bibi, era binnamutta, ekisumuluzo ky'obulokozi ekisobola okuggyga omuntu mu kkomera ly'ekibi tekisingawo nnyo ku bisumuluzo ebyo byonna? Waliwo ekisumuluzo eri oluggi olwo, okusumulula abantu okukibaggyamu.

<sup>51</sup> Ekisumuluzo, bulijjo, bwe kisumulula ekkufulu, era, bw'ofuna ekisumuluzo, wateekwa okuba nga waliwo eky'obugagga ekisibiddwa munda eyo, ekintu eky'omuwendo ddala, bwe kitaba bwe kityo teweetawaanya na kuggalawo. Bwe kiba si kya muwendo kyetaaga kuggalirwa, kireke. Okuggyako

nga kya muwendo ekyetaagisa okukiggalira! N’olwekyo ebiseera ebisinga ekisumuluzo ke—ke kabonero eri ekintu, manyanga ly’ekkubo erikutuusa ku kintu eky’omugaso. Ekisumuluzo, ogwo gwe mugaso gwakyo, kaakati, kisumulula awali ekintu eky’omugaso.

<sup>52</sup> Kati tusoma mu njiri y’Omutukuvu Yokaana, essuula ey’e 10, Yesu yagamba nti, “Nze Luggi olukulu oluyingira mu kisibo ky’endiga. Nze Luggi lwokka,” si *olumu* ku nzigi, “wabula Oluggi lwokka, Oluggi lwokka. Ye nze Kkubo, Ekkubo lyokka, Amazima, n’Obulamu, era tewali muntu ajja eri Kitange okuggyako nga ayise mu Nze. Ye nze Luggi oluyingira mu kisibo ky’endiga era abo bona abansooka baali balabe, baali babbi era abanyazi.” Ye Luggi oluyingira mu kisibo ky’endiga. Ye Luggi olukutuusa eri obulokozi.

<sup>53</sup> “Tewali linnya ddala wansi w’Eggulu eryaweebwa abantu erigwanira okutulokola, okuggyako okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo lyokka.” Tewali kkanisa yonna, tewali kibiina kya ddiimi kyonna, tewali kigunjie kya nzikiriza kyonna, tewali njigiriza ya ngeri yonna; wabula okuyita mu Linnya lya Yesu. Ekyo kye—ekyo kye Kisumuluzo. Tekyewuunyisa Peetero yasobola okukozesa ekimu ku byo ku Lunaku lwa Pentekoote! Baali baagala okumanya bwe bayinza okuyingira mu Luggi olwo. Yakozesa Ekisumuluzo. Era waliwo Ekisumuluzo kimu kyokka, kubanga waliwo Oluggi lumu lwokka. “Ye nze Luggi lwokka.” Era Peetero ye yalina Ekisumuluzo ky’Oluggi olwo. Era yagamba nti, “Mwenenyé, buli omu ku mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw’okuggyibwako ebibi byammwe, munaaufuna eby’obugagga bwa Katonda.” Ekyo kye Kisumuluzo eri Oluggi, era Yesu ye Luggi lwokka.

Waliwo Oluggi lumu lwokka eri okuwonyezebwa, era Yesu ye Luggi olwo.

<sup>54</sup> Waliwo Oluggi lumu lwokka mw’oyita okufuna emirembe. Weewaawo. “Emirembe Gyange mbawa.” Ye Luggi lwokka mw’oyita okufuna emirembe egya nnamaddala. Oyinza okulowooza olina emirembe. Oyinza okukunjaanya ssente ezimala okwegulira amaka, oyinza okukunjaanya ssente ezimala okugulira abaana bo engoye, ne muba n’emmere ey’okulya, era oyinza okuba nga ofunye ettutumu lingi era nga oli wa ttutumu mu bantu. Naye bw’oggyamu engatto zo ekiro nga ogenda okwebaka, waliwo Ekintu Kimu kyokka ekiyinza okukuwa emirembe. Nga, ekyo kwe kuba nti singa okimanya nti ogenda kufa ekiro ekyo, waliwo Emirembe gya ngeri emu yokka, era, nga, Yesu ye Mirembe egyo. Ye Mirembe gyaffe.

<sup>55</sup> Ye Kuwonyezebwa kwaffe. “Nze Mukama Katonda wo awonya endwadde zo zonna.”

<sup>56</sup> Ye Luggi oluyingira Eggulu. Era tewali luggi lulala lwonna oba tewali kkubo ddala lyonna okuggyako okuyita mu Yesu

Kristo. Ye Luggi oluyingira Eggulu.

<sup>57</sup> Era kati Yesu ye Luggi mw'oyita okutuuka ku bintu bino byonna, era okukkiriza kye kisumuluzo ekiggula Oluggi olwo. Kati, Yesu bw'aba nga ye Luggi olutuuka ku bisuubizo bya Katonda bino byonna, okukkiririza mu mulimu Gwe ogwaggwa okukolwa kuggulawo oluggi olutuuka ku buli kyabugagga ekiri munda mu Bwakabaka bwa Katonda. Mukiraba? Ekisumuluzo kye... Okukkiriza kye kisumuluzo ekiggulawo buli kisuubizo ky'Akola. Ekyo ekisumuluzo ky'okukkiriza kye kikikola, okukkiriza mu mulimu Gwe ogwaggwa okukola. Bino by'ebisumuluzo bye twogerako.

<sup>58</sup> Kati, mu Abaebbulaniya, essuula ey'e 11, nnina olukalala lw'amannya gaabwe agawerera ddala ge nnawandiise wano ku lupapula, olw'abazira bano ab'okukkiriza. Kyali kisumuluzo, eri—eri Oluggi, kye kyaziba obumwa bw'empologoma. Kyali kisumuluzo, okukkiriza, kwe kwaggulawo amakomera. Kwali kukkiriza, ekisumuluzo ky'okukkiriza, kwe kwazikiza obukambwe bw'omuliro, ne basimattuka obwogi bw'ekitala, ne bakomyawo abafu eri obulamu. Kwali kukkiriza, ekisumuluzo ky'okukkiriza mu Katonda omulamu. Omukono ogwo, omusajja oyo, omukazi oyo, asobola okukwata ekisumuluzo ekyo eky'okukkiriza, asobola okusumulula buli kisuubizo kya Katonda kye yakola. Naye bw'otaba na kisumuluzo ekyo, obeera okikiitana bukikiitanyi, toliruggulawo. Ojja kulwana bulwanyi nalwo, kubanga ekisumuluzo kino...

<sup>59</sup> Buli kisumuluzo ekyakolebwa mu butuufu bwakyo kiba n'amannya munda mu kkufulu, era wateekwa okubaawo ekisumuluzo eky'ekika ekimu, ekyawoolebwa mu ngeri ey'enjawulo okusobola okutambuza amannya ago. Era singa erinnyo limu lyokka liba terituukamu bulungi, ekkufulu yonna eba eyonoonese.

<sup>60</sup> N'olwekyo, nzikiririza mu Njiri enzijuvu, buli Kigambo kya Katonda, ekisumulula amaanyi ga Katonda, ekisumulula emikisa Gye eri abantu. Ekyo kye kisumuluzo eri Oluggi, ekiruggula. O, abazira abo, bannabbi abo wamu n'abasajja ab'ekitalo mu Bayibuli, abaalina ekisumuluzo ekyo! Y'ensonga lwaki baasobola okuziba obumwa bw'empologoma, ne bazikiza obukambwe bw'omuliro, ne basimattuka obwogi bw'ekitala, ne bazuukiza abafu, ne bakola ebyamagero ebya buli ngeri, byaliwo kubanga baakwata ekisumuluzo ekyo era baali bakimanyi nti kikola, kubanga kyali kisumuluzo eky'omu Byawandiikibwa.

<sup>61</sup> Kati, bwe nkikiitana n'ekisumuluzo ky'ekigunje ky'enzikiriza, simanyi kye kigenda kukola. Bwe bagamba mbu "nze ekkanisa yange *kino* ky'eyigiriza," ekyo ssikimanyi.

<sup>62</sup> Naye Bayibuli bw'ekiyigiriza, ne nkwata ekisumuluzo ky'okukkiriza mu mukono gwange, manyanga mu mutima gwange, ekyo ekigamba nti, "ekyo Kigambo kya Katonda,"

ekyo kijja kuzikiza obukambwe bw'omuliro, kijja kusumulula okuwonyezebwa eri abalwadde, kijja kusumulula obulokozi eri abaabula. Nnina okujja eri Oluggi, buli kimu kiri mu Linnya Lye. "Buli kye munaakolanga mu kigambo oba mu kikolwa, mukikole mu Linnya Lye." Nga mumanyi nti ekisumuluzo kye mulina kwe kukkiriza, kubanga kisumuluzo ekiva mu Byawandiikibwa. Kati, bwe kiba kisumuluzo ekiva mu kigunje eky'enzikiriza, oba bwe kiba kisumuluzo eky'ekibiina ky'eddiini, ekyo simanyi kye kijja kukola. Naye bwe kiba kisumuluzo eky'Ebyawandiikibwa, kijja kusumulula, kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera. Kaakati, ha, tekyewuunyisa baasobola okuzikiza obukambwe bw'omuliro, n'ebirala bye baakola, baalina ekisumuluzo.

<sup>63</sup> Katonda kasita yabawenyangako ati nti abakkirizza, tewali kintu kyonna kyali kiyinza kubayimiriza. Yali teyeetaaga kukola nga bw'Ankola ebiseera ebimu, okukiddinjananga emirundi n'emirundi, era oba oli awo nammwe bw'abakola (Ka nsuibire si bwe kityo bwe kiri), naye abeera aajnamba nti, "Genda okole kino," naye ne weesittala, "Kati genda okole *kino*," n'era "Ddayo oddemu okikole, tewakikoze bulungi." Bali yabawenyangako buwenya ati nti akkirizza! Ne, bawulira Omwoyo nga abagamba nti, "Ekyo kye kintu ekituufu eky'okukola," nga tewali kijja kubaziyiza. Ow'oluganda, ba—ba—baaziba obumwa bw'empologoma, baasimattuka obwogi bw'ekitala, baazikiza omuliro, baakola buli kimu kyonna. Katonda bwe yabawenyangako katono, kubanga baalina ekisumuluzo mu mikono gyabwe, okukkiriza okwo okukulu! Baakolera Katonda ebintu kubanga tewali kyali kiyinza kubaziyiza. O, nga kya kitiiuba!

<sup>64</sup> Kiringa lumu omuvubuka eyajja eri ow'oluganda omukulu mu myaka eyali atya Katonda, nnabbi wa Katonda eyali omukulu mu myaka. Era yawuliranga omusajja ono nga awa obujulizi entaker, lubeerera nga ayogera ku bulungi bwa Katonda, n'ebyo Katonda by'ali, na kiki Kristo ky'ali, nga bulijjo, abeera ayogera. Ekiseera ne kituuka, nga omuvubuka ono agenda kwawulibwa mu buweereza, kye yava ajja eri musajja mukulu ono, n'amugamba nti, "Ssebo, nnina kye nnandyagadde okukubuuza."

N'amugamba nti, "Buuza, muvubuka."

<sup>65</sup> N'amubuuza nti, "Ddala Kristo ategeeza ekyo kyennyni ky'ogamba ky'Ategeeza gy'oli?"

<sup>66</sup> N'amugamba nti, "Ategeeza kinene nnyo gyendi okusinga ne bwe mnyinza okwogera!" Kiikyo. Kyali kiki? Yali yazuula ekisumuluzo.

<sup>67</sup> Omuvubuka kye yava amugamba nti, okusinziira ku ekyo, "Bw'oba nga ddala ebintu bino obikakasa, era nga onjamba nti bya nnamaddala nga ggwe, nange Yesu y'omu oyo njagala mmutegeere, mu ngeri y'emu eya nnamaddala." Kyali kiki?

Yakitegeera nti musajja mukulu ono yalina ekisumuluzo, nti asobola okusumulula era asobola okuggalawo.

<sup>68</sup> Omanyi, ekisumuluzo ekiggala, era n'okuggulawo, kye kiggalawo. Mukiraba? Osobola okusumulula oba okusiba. Ekyo kituufu. Ekisumuluzo kye kimu ekiggalawo, era kye kiggulawo. Ekisumuluzo ekiggulawo, kisobola okuggalawo. Era mazima ddala ekyo kituufu, olaba, kubanga kikola ku byombi. Nga kya nnaku nnyo okuba nti ekkanisa yaviibwako okwolesebwa kwayo okw'ekyo! Nga kyali kya nnaku nnyo ekkanisa bwe yeetunda eri ebigunje eby'enzikiriza, nga naffe bwe tukoze leero, ate kati twagalwa kwegatta.

<sup>69</sup> Twalaba obukulembeze bw'e Rooma obw'ekitalo obw'emitendera we bagenda okusisinkanira, bagenda kubaako enteekateeka ze bakyusa. Nnali ndowooza nti tebajja kukyusa; naye, mu buli ngeri bagenda kukyusa, buli faaza bamuwe obuyinza nga obwa paapa, era-era yonna gy'ali, n'ebirala bwe bityo. Nga kyennyamiza, okuba nti ekkanisa yeetunda eri ebigunje mu kifo ky'Ekgambo. Mukiraba? Awo we baaleka ekisumuluzo, awo wennyini. Eyo y'ensonga lwaki ebyamagero eby'amaanyi n'obubonero tebikyakolebwa mu makkati g'abantu ensangi zino, nga bwe byakolebwanga, ekisumuluzo kyababulako! Weewaawo, Oluggi balumanyi, bakimanyi nti Oluggi weeruli, naye ekiddako ky'ekisumuluzo okuggulawo Oluggi. Eby'obugagga biri mabega wa Luggi. Byaggalirwa munda, atakkiriza, tayinza kubiraba. Naye omukkiriza, oyo alina okukkiriza era asobola okukozesa ekisumuluzo ky'okukkiriza, asobola okusumulula Enzigi zino. Yee, ssebo.

<sup>70</sup> Lumu wano emyaka mitono egiyise, waaliwo ow'oluganda omuminsani, eyawulira nga alina okuyitibwa okw'okugenda mu Afirika. Yali muvubuka muto; nga alina omukyala n'abaana babiri, nga balabika bulungi nnyo, abawala, nga balina emyaka nga musanvu oba munaana, buli omu. Naye omuvubuka ono yali tayinza kukidduka. Yali mu—muweereza, yalina ekkanisa ennungi mu kitundu ekyo. Naye yalemererwa okwewala okuyitibwa okwo, nga "ateekwa okugenda mu Afirika." Kye yava asaba, emisana n'ekiro. Yali tayagala kugenda. Naye Katonda n'asigala nga amugamba nti, "Oteekwa okugenda!" Ekyavaamu n'atuuka mu mbeera nga, alina okusalawo, nga a—ateekwa okugenda!

<sup>71</sup> Kye yava agenda eri akakiiko k'ekkanisa yaabwe akavunaanyizibwa ku kubunyisa enjiri, n'abagamba nti, "Katonda antumye mu buweereza obw'ebweru mu bibira bye—by'omu Rhodesia." Ate nga ebibira ebyo bijjuddemu omusujja gw'ensiri, n'omusujja wamu n'omusana ogwokya okukamala, kawumpuli n'ebigenge, n'endwadde eza buli ngeri mu kibira kino, gye yali agenda... okubeera ebiseera by'obulamu bwe byonna ebisigadde. N'atunda amaka ge na buli kintu kyonna kye

yalina. Ab'akakiiko akavunaanyizibwa ku kutuma abaweereza ne baagala okumugezes, kye baava bamubuuza nti, "Naye ddala okikakasa?"

N'agamba nti, "Nkakasa."

<sup>72</sup> Ne bamubuuza nti, "Ssebo, ensonga eno ogirowoozezzaako mu ngeri eno, nti olina abaana abawala babiri abato abalabika obulungi, era olina ne—n'omukyala omuto omwagalwa, nga singa...Lwaki tosooka n'ogenda olaba bwe wafaanana n'okomawo?"

<sup>73</sup> N'abagamba nti, "Nedda, nze Mukama yanjambla. O, kya nnamaddala nnyo!" N'agamba nti, "Mukama yampita. Nange ssa—ssaagala kuleka waka wange, ssaagala kuleka kkanisa yange na bantu bange, naye Mukama yampita njende mu bibira eyo."

<sup>74</sup> Ne bamubuuza nti, "Ssebo, obadde okimanyi nti bawala bo abato basobola okukwatibwa omusujja gw'enkaka oba omusujja ogw'omu mazzi, ne bafiira, mu kiro kimu?" Ne bamuwa eby'okulabirako by'abantu ab'enjawulo abaafirwa abaana baabwe, abato, olw'okubatwalayo, bwe baakwatibwa endwadde ze bataalinako ddagala lizigema. Ne bamugamba nti, "Lowooza ku bigenge, lowooza ku mukyala wo omulungi ne bawala bo bombi okukwatibwa ebigenge, n'akasana ako akeememula n'ebintu ebirala by'ogenda okusisinkanayo." Ne bamubuuza nti, "Totya, kabi kali mu kutwala baana bo ne mukyala wo mu kifo nga ekyo?"

<sup>75</sup> Omuminsani n'ayimirira awo, omuvubuka ono omuto, n'atandika okukulukusa amaziga, n'akyuka, n'abagamba nti, "Baganda bange! Okwolesebwa kwange okw'okuyitibwa kwa Katonda," n'agamba nti, "Katonda bw'aba ampise njende mu Afirika, abaana bange n'ab'ennyumba yange baliko obukuumi bwa maanyi nnyo mu Afirika okusinga awalala wonna mu nsi." Amiina. Kyali kiki? Yalina ekisumuluzo eri okuyitibwa kwe, yalina okukkiriza mu kye yali ayogerako. Ha, muli nnagamba nti, nga bigambo eby'obuzira! Omulundi gwe nnasooka okubiwlira, omutima gwange gwabuukabuuka munda mu nze. Mukiraba, "Katonda bw'aba y'ampise njende mu Afirika, abaana bange ku ky'okukwatibwa ebigenge ne kawumpuli n'ebirala, baliko obukuumi okusinga bwe bandibadde nabwo mu kifo ekirala kyonna mu nsi." Yalina ekisumuluzo. Ekyo kye kyetaagisa.

<sup>76</sup> Bw'obeera n'ekisumuluzo, tewaba kutya, tewaba kubuusabuusa, tewaba kubuuza kwonna. Teweetaaga kubaako muntu yenna gwe weebuzaako, obeera mukakafu. Obeera okirina mu mikono gyo, obeera omanyi eky'okukola. Amiina. Obeera omanyi ebigenge okuvaamu, obeera okimanyi nti oluggi lugenda kweggula. Amannyo obeera wagakebedde era

nga okakasiza ddala nti kye kintu ekituufu, oluggi lugenda kweggula bw'onaayingizaamu oti ekisumuluzo.

<sup>77</sup> Ha, nyabula singa ekkanisa ebadde erina ekisumuluzo! Singa ekkanisa ebadde erina ekisumuluzo ekyo eky'okukkiriza, twandiggudde buli luggi, na buli bulwadde, na buli kawumpuli, buli nsonga ey'engeri yonna. Byonna bisobola okuggulgawo singa tuba n'ekisumuluzo. Omusajja ono yalina ekisumuluzo ky'okuyitibwa kwe.

<sup>78</sup> Mbasaba munzikirize mbaweeyo obujulizi obunkwatako. Nzijukira wayiseewo emyaka nga kkumi n'etaano, oba kkumi na musanvu, awo bwe watyo, Mukama bwe yanjamba bwe nnali emmanga eri ku mugga, bwe Yakka wansi okuyita mu Mpagi y'Omuliro eyo Eyakubwa ekifaananyi kye mulaba, n'Ayogera nange n'Ayanjamba nti, "Ogenda kutwala Obubaka buno okwetooloola ensi."

Nzijukira ne lwe nnali ku Green's Mill lwe Yayogera nange.

<sup>79</sup> Ne nnjenda ne mbuulira omusumba, n'ambuuza nti, "Billy, walidde ki ekiro? Ekyo waloose kirooto kya ntiisa." N'agamba nti, "Ddayo ku mulimu gwo. Oli mukozi mu Kitongole kya Gavumenti, olina omulimu omulungi, ddayo okole—omulimu gwo, mutabani." N'anjanamba nti, "Ekyo waloose kirooto kya ntiisa. Olina kye walidde." Ekyo tekyampugula wadde n'akatono!

<sup>80</sup> Bwe nnatandika okuba n'enkuanyaana ez'okuwonyezebwa, bangi ku mmwe mujukira Obubaka bwange ku olwo ku makya obwali bugamba nti, *Dawudi bwe Yagenda Okusisinkana Goliyaasi*, bwe nnabuulirako.

<sup>81</sup> Ne banjamba nti, yanjamba nti, "Mu kiseera eky a ssaayaansi ow'omulembe, mwe tulina okunoonyereza okukwata ku by'obulamu okwa buli ngeri, mwe tulina abasawo abasingayo okuba abalungi, nga ekkanisa yeerabira dda ebikwata ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda n'ebintu ebiri nga ebyo, emyaka mingi egiyiseewo, onaayinza otya okwanjanga nnaggwano eyenkanidde awo? Onaayinza otya okwanjanga Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, n'abalala, n'Abapentekootie bennyini, abaabyerabira edda ennyo, ne bagenda mu bigunje byabwe eby'enzikiriza? Onaabennjanga otya, nga tolina kibiina kya ddiini oba ekintu kyonna ekikusemba? Onaakikola, Bill?" Mu ngeri emu, oba endala, tekyampugula yadde n'akatono, kubanga nnali nkutte ekisumuluzo mu mukono gwange! Nnagamba kimu... Banjamba nti, "Tewali ajja kukukkiriza. Tojja kusobola kukikola. Tewali ajja kukukkiriza."

<sup>82</sup> Nnabagamba kimu nti, "Sifaayo. Waliwo ekintu kimu kye nkakasa; Katonda yampita, era nteekwa okugenda kubanga Katonda yampita." Ekisumuluzo nnakirina. Yali ampise,

Yali amaze okundaga, Yali amaze okunjamba, era nnalaba okubeerawo Kwe bwe Yantuma, era ekisumuluzo kyali weekiri!

<sup>83</sup> Omusumba aŋŋamba nti, “Ku buyigirize bwo obwo obw’eky’omusantu bw’olina, mbu ogenda kubuulira era osabire bakabaka n’abafuzi!”

Ne mmugamba nti, “Ekyo bwe kityo bwe kiri okusinziira ku Kigambo Kye!”

<sup>84</sup> Mu kiseera nga kino omwaka oguwedde, manya wiiki nga emu oba bbiri nga tekinnabaawo, bwe najja wano mu kkanissa ne mbagamba nti Mukama Katonda yali andaze okwolesebwa, okugenda ku lugendo olw’okuyigga, ne—ne n’ensolo gye nnali aŋŋenda okusanga, nga amayembe gaayo gaweza yinci amakumi ana mu bbiri. Era nti bwe nnaaba nkonomawo n’ensolo eno nga njija (awo we yali egalamidde, mu kifo mwe yalina okuba), bwe nnaaba nkonomawo nja kutta eddubu erya langi eya kikuusikuusi. Era nnagenda mu kitundu kino, ne mbaako omusajja gwe nnayogera naye, n’ajŋamba nti, “Simanyiiyo nsolo yonna efaanana bw’etyo. Ate bw’oyogera ku ddubu erya langi eya kikuusikuusi, eryo sirirabangako.”

Ne aŋŋamba nti, “Naye waliwo awantu awamu w’erina okuba.”

<sup>85</sup> Kye yava aŋŋamba nti, “N’ekitundu gye tugenda tekibeeramu malubu. Eri tugenda kunoonya ndiga, waggulu eri nga oyisizza ekibira.” Kale, ne aŋŋenda naye.

<sup>86</sup> Era ku lunaku lwaffe olw’okubiri, mu kifo kyennyini, awo wennyini Mukama we yagamba, ensolo we yali. Kati bwe nnagenda ne nfuna ensolo eyo, era bwe twali tugibaagako eddiba n’okugiggyako amayembe n’ebirala, nga tubiggyako, kye yava aŋŋamba nti, “Nnina kye njagala okukubuuza. Waŋŋamba, ennaku ssatu eziyise bwe twali tuva mu—mu lusiisira, nti bw’onaamala okutta ensolo eno, nti bwe tunaaba tukomawo ‘ojja kutta eddubu erya langi eya kikuusikuusi.”

Ne mmugamba nti, “Ekyo kiri BW’ATI BW’AYOGERA MUKAMA!”

<sup>87</sup> N’agamba nti, “Sibuusabuusa,” n’agamba nti, “kubanga muganda wange yali mulwadde wa nsimbu, era wali tomulabangako mu bulamu bwo, ku mulundi lwe wajja wano, era n’oŋŋamba nti omulenzi oyo yali agenda kuwonyezebwa bwe nnaabaako ekintu ekimu kye nkola. Era n’awonyezebwa.” N’agamba nti, “Kaakati, naye, Ow’oluganda Branham, njagala nkubuuze,” n’agamba nti, “nsobola okulengera wansi eri yonna okusukka olusozi luli ekibira we kikoma, nsobola okulengera embalaasi ezo eziyimiridde. Naye sirabayu kintu kyonna. Tewali yadde akasubi, tewali yadde olwazi, teri kintu kyonna.” Nnengera muddo gwa Caribou moss gwokka, oguweza yinci nga bbiri obuwanvu, nga oyisizza ekibira we kikoma, mayiro

nga emu oba n'okusingawo nga oyisizza ekibira we kikoma. Kye yava ambuuza nti, "Eddubu ligenda kuva wa?"

<sup>88</sup> Ne mmugamba nti, "Katonda ye Yakuwa-yire. Bw'Aba yanjamba nti wajja kubaawo eddubu, liteekwa okubaawo."

<sup>89</sup> Tuba tukkirira tuva ku lusozi, nga twakatambulako nga kitundu kya mayiro oba n'okusingawo, nga tunaateera okutuuka wansi, n'yanjamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekiseera ky'eddubu eryo okulabika kisembedde."

Ne mmugamba nti, "Teweeraliikirira, ligenda kubaawo."

<sup>90</sup> Era tuba tubuaayo yaadi nga ebikumi bitaano okutuuka embalaasi we zaali, twalina okuddamu tuwummulemu olw'amayembe agaali gazitowa n'ebintu ebirala bye twali twetisse ku mugongo. Kye yava addamu ne yeetoolooza amaaso, ne ndaba obwenyi bwe nga antunuulira, nga alinga mu mutima gwe eyali yeewuunya. Mukiraba, yali *asuubira* nti liija kubaawo, naye teyalina kisumuluzo.

<sup>91</sup> Naye mu ngeri emu, olw'ekisa kya Katonda, Tanjiwangako. Bwe Yanjambla nti wajja kubaawo eddubu erya langi eya kikuusikuusi, nnalina ekisumuluzo. Saakibuusabuuso wadde omulundi ogumu, guti. Kye nnava nkyuka gy'ali, ne mmugamba nti, "Mukwano gwange, liija kubaawo." Era olwali okukyuka nti, nga eddubu liri awo [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] liyimiridde kyengulu ne we twali, mu buwanvu nga bwa kitundu kya mayiro.

<sup>92</sup> N'assaako gaalubindi, n'agamba nti, "Billy, bannange lengera, mazima ddene era lya langi ya kikuusikuusi!"

<sup>93</sup> Mukiraba, ekisumuluzo, okwolesebwa, Ekigambo kya Mukama, tewali kiyinza kukikyuusa yadde okukiyimiriza. Ekkanisa kye yeetaaga akawungeezi kano si buyigirize. Ekkanisa kye yeetaaga akawungeezi ka leero si kibiina kya ddiini. Ekkanisa kye yeetaaga si kigunje kya nzikiriza. Ekkanisa kye yeetaaga akawungeezi ka leero, kye kisumuluzo ky'Ebyawandiikibwa, Oluggi. Nga, Kristo lwe Luggi, era Ye Kigambo. Okukiriza mu Kigambo kya Katonda omulamu kuggula buli luggi.

Ayi Katonda, tuwe ekisumuluzo. Tuwe ekisumuluzo.

<sup>94</sup> Abaebbulaniya, essuula ey'e 12, wagamba nti, "Kale naffe bwe tulina olufu lw'abajulirwa olwenkana awo olutwetoolodde, leka twambulenga buli ekizitowa, n'obutakkiriza ebyanguwa okututega." Wagamba nti "ekibi," ate nga, *ekibi* bwe "butakkiriza." Mukiraba? Ekibi kiri kimu kyokka, butakkiriza.

<sup>95</sup> Era *ekibi* kitegeeza "kusubwa kiruubirirwa." Kiri nga bw'oba ne ssabbaawa gy'ogezaako okukuba, naye n'ogisubwa n'okuba bbali, obeera olina okutereeza emmundu yo, olaba, kubanga wabaawo ekitali kituufu. Osubiddwa ssabbaawa. Olaba, komawo oddemu ogezeeko. Okiraba? Kitegeeza

kukyuka, ssabbaawa ebeera ekusubye. Bw'oyagala okubeera Omukristaayo, naye ate n'ogenda bugenzi ne weegatta ku kkanisa, awo ssabbaawa ebeera ekusubye. Bw'oyagala okubeera Omukristaayo, naye nga wamansirwako bumansirwa mazzi mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," ggwe ssabbaawa yakusuba. Komawo oddemu. Tojja kusobola kuteeba ssabbaawa. Ojja kusesebbuka, ekyo kikakafu nga bwe tulaba ensi eno. Waliwo Ekintu kimu kyokka ekisobola okukukuumira mu kkubo eggolokofu, ekyo nga by'Ebyawandiikibwa, Bayibuli, Ekigambo. Kubanga, eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo kya Katonda tekiriggwaawo.

<sup>96</sup> N'olwekyo, kwata ekisumuluzo, okukkiriza mu Kigambo! Era buli katundu ka kukkiriza k'okkiriza, n'otabuusabuusa wadde akatonnyeze, osobola okuggulawo buli luggi oluyimiridde wakati wo n'emikisa gya Katonda gy'alina gy'oli. Nsaba Katonda atuyambe tufune ebisumuluzo, kwe kusaba kwange. Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano tusabe.

<sup>97</sup> Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza akawungeezi kano okuba nti Otuwadde ekisumuluzo eky'okutusumululira obulokozi. E—ekyo nkikwebaliza, ayi Mukama, okuba nti twalokolebwa, n'olw'ekisumuluzo kye tusobodde okuba nga tukozesa. Naye, ayi Katonda, tukusaba otuwe okukkiriza, kibeere nti buli kimu ku Bigambo bino ebiwandiikiddwa mu Kitabo Kyo bibeere amannya amatono, era Ekisumuluzo kino ekiyitibwa Yesu... manyanga, Oluggi luno, oluyitibwa Yesu; n'ekisumuluzo ekiyitibwa okukkiriza, bwe kinaakwata ku Kigambo, kikiggule. Kissee wansi amannya ago tusbole okuyingira mu mukisa ogwo. Kitaffe ow'omu Ggulu, tukusaba otuwe ebisumuluzo, tusbole okuba n'okukkiriza mu bisuubizo bya Katonda, okukkiriza kwaffe kuleme kulemererwa, tusbole okukuweereza n'okuweereza abo be tukolagana nabo.

<sup>98</sup> Tusonyiwe buli kibi kyonna olw'obutakkiriza bwaffe, ayi Mukama, era otuyambe okubeera Ababo. Kaakano tugenda ku m meeza okulya okussa ekimu, era nsaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, Otusonyiwe ebyonoono byaffe byonna, tusbole okuyingira mu ssanyu ery'okussa ekimu ku m meeza ya Katonda. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

<sup>99</sup> Muganda wange, mwannyinaze, bw'oba olina ekisumuluzo ky'Obwakabaka, ekisumuluzo ky'Oluggi, ekisumuluzo ky'obulokozi, Katonda akuyambe okuggulawo enzigi okkirize Yesu ayingire munda. Nsaba akuwe ebintu byo—by'oyaayaanira.

<sup>100</sup> Kaakati, mu kaseera katono nnyo nga tetunnasoma ku bikwata ku kussa kimu, njagala mbeeko ne kye njogera kubanga kikwata ku kussa kimu. Era bwe tujja ku wolutaali eno, waliwo engeri emu yokka ey'okujjamu, nga kwe kuba nti, tukutte ekisumuluzo mu ngalo zaffe, ekituleetera okumanya nti ebibi byaffe byatusonyiyibwa. Naye bwe tuba tetulina kisumuluzo

ekyo kuggulawo Luggi olwo, nti ebibi byaffe byatusonyiyibwa, tetulina kituleeta ku mmeeza ya Mukama waffe. Kubanga oyo yenna alya era anywa nga tasaanidde, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri gwa Mukama waffe. Kati, ekyo kituufu.

<sup>101</sup> Ndwooza fenna tukimanyi nti leero lwe Lunaku lw'Eggwanga lyonna olw'okulya Okussa ekimu. Luno lwe lunaku amakanisa gonna lwe galya okussa ekimu. Lwe Lunaku lw'Eggwanga lyonna olw'okulya Okussa ekimu. Era nnalowoozezza nti kinaaba kirungi okubaako ekigambo kimu oba bibiri bye njogera ku kussa ekimu nga tetunnakuyingiramu, nga omusumba, bw'aba asobola, bw'ategeka Ebyawandiikibwa eby'okusoma ebya—eby'enteekateeka gye tugoberera nga tuja ku mmeeza ya Mukama. Kaakati okussa ekimu kuno...Kati, njenda kutwala eddakiika nga kkumi na taano zokka.

<sup>102</sup> Okussa ekimu kuno kwe tunaatera okuba nakwo, ky'ekintu ekibadde kisinga okubaako obutakkaanya mu njigiriza zonna eziri mu Bayibuli. Ekyo ky'ekintu...ky'ekimu ku bintu bye baasooka okukubaganako empawa mu kkanisa eyasooka. Era olwa leero ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, omuli Abangirikaani n'Abamesodisiti, n'amakanisa mangi ag'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, kiyinza okubanguyira okukkiriza Obukatuliki, enjigiriza ey'Abakatuliki ab'e Rooma, singa basobola okukkaanya ku ky'okusembra. Naye bajja kukkiriziganya nti ba faaza balina okuwasa era basigale nga baweereza, ekyo ab'ekereziya Katolika baakikkaanyaako emirundi mingi mu nkunjaana zaabwe n'enkiiko. Ekyo bakikkiriziganyaako. Era bajja kukkiriziganya ku ssaala ezitali zimu, wamu n'ebirala, ekkanisa ezaawakanya Obukatuliki zija kukkaanya nabyo. Ne katekiisimu n'ebirala, eky'okuba ne bu woloutaali wano ne wali, era ekereziya Katolika nneetegegef u okubikola. Naye bwe kyatuuka ku ky'okusembra, awo ne baawukana. Ekyo omuntu yenna eyali asomye ebyafaayo akimanyi bulungi. Naye, amazima, nze ku lwange, obukatuliki bulina bingi bye bulina okwawukana nabyo, nga ssi—sinnabukkiriza, mukiraba, kubanga tebiri mu Bayibuli.

<sup>103</sup> Naye nnina ekintu kimu kye njagala mugambe ekereziya Katolika. Mukimanyi nti ekereziya Katolika, ku lubereberyé, yali kkanisa empentekoote etambulira ku musingi gw'ekitume? Mazima ddala kye yali! Ye yali entandikwa y'ekkanisa. Naye mulaba we—we baatuuka, baagenda batoola ku Kigambo nga bwe bayingizaamu ebigenje.

<sup>104</sup> Kati n'ekkanisa y'Abapentekoote singa ewangaala emyaka emirala kikumi, ejja kuba eyawukanye nnyo ku Bayibuli okusinga ekereziya Katolika w'eri kati, okusinziira ku ngeri gye yeeyisaamu olwa leero.

<sup>105</sup> Ekereziya Katolika kyagitwalira, ebyasa ebiwera okuva

ku Kigambo, kyagitwalira emyaka ebikumi bisatu, okuva ku kkanisa eyasooka okutuuka ku kukola ekibiina ky'eddiini eky'ekereziya y'Abakatuliki ab'e Rooma, kye baatandikawo. Era kati baawkwata, ne bateekamu ab'ebitiibwa n'ebintu ebirala, ne baggyamu *kino* ne bagattamu *kino*, ne baggyamu *kino* ne bassaawo *kiri*, ne baggyawo ebifaananyi by'abakaafiiri ne bateekawo ebifaananyi by'Abakristaaayo, n'ebirala, ne bagenda nga bekkiriranya ku Kigambo okutuusa lwe baatuuka ku kye balina kati, ekereziya Katolika ey'e Rooma.

<sup>106</sup> N'ekkanisa eyawakanya Obukatuliki ey'Abapentekoote okuva ku—myaka ataano gye yaakamala, okutuusa we yagwiira okuva we yatandikira, ejja kuba mu mbeera mbi nnyo okusinga ekereziya Katolika, mu myaka kikumi okuva kati. Ekyo ddala bwe kiri. Ekyo kigambo kinene okukyogera, naye ggwe tunuula olabe gye baava okugwa. Beekolamu ekibiina ky'eddiini, ne batandika okwekkiriranya ku *kino* na *kiri*, na buli kimu. Okugira kuti, mulaba, nga baddiddeyo ddala.

<sup>107</sup> Naye, *okussa ekimu* kuyitibwa “eky'eggulo kya Mukama waffe.” Kati, abantu bangi, baagalal kukulya ku makya. Mu Bayibuli tekigamba nti kyali *ky'enkyo* Kye. Naye leero osanga abantu bano, nga basigala bagamba mbu “ekyeggulo kya Mukama waffe,” ate nga tebakikola. Baggyamu ekigambo *ekyeggulo*, ne bakibuuka, ne bakiyyita “ekijjulo,” ekyo kya busiru. Kyaggulo!

<sup>108</sup> Kaakati, kibaddengako okukubagana empawa mu biseera bya Bayibuli, kyaliko okukubagana empawa. Abantu tebaategeera bulungi kyaggulo kya Mukama waffe. Bwe bajjanga ku mmeiza, Pawulo yagamba Abakkolinso abo, bajjanga ne batamiirira ku mmeiza ya Mukama waffe. Mukiraba, ne mu kiseera ekyo baali tebakutegeera. N'abagamba nti, “Bwe muba mwagala kulya, mulirenga ewaka.”

<sup>109</sup> N'ekirala, tebaategeera, makulu gaakwo. Aboonoonyi, n'abantu abaatambuliranga mu kibi, bajjanga ne balya okussa ekimu. Ne mu ekyo tebaakutegeera. Omusajja eyebakanga ne nnyina, mukakitaawe, nga ate ekkanisa yamulabula; naye nga akyajja n'alya okussa ekimu.

<sup>110</sup> Baalinamu n'enjawukana mu makkati gaabwe, naye era nga bakyalya okussa ekimu. Yabagamba nti, “Mpulira mukyeyisa nga abasigadde Ab'amawanga. Era mu mmwe mu—mulimu okwesalamu, nga okuli ewa—naddala mu nnyumba ya Keefa, n'awalala.” N'agamba nti, “Mukyeyisa nga Ab'amawanga abasigadde.” Mukiraba, tekwategeerebwa bulungi.

<sup>111</sup> Okussa ekimu bulijo tebakutegeera bulungi. Kati, nsobola okweyongerayo n'ensonga eyo okumala essaawa n'essaawa, naye tulina okulya okussa ekimu n'okunaazagana ebigere. Kati okunaazagana ebigere kwo baakuggyirawo ddala, waliwo ebibiina by'eddiini bitono nnyo ebikyakukola. Abapentekoote

bangi baakuviirako ddala. Mukiraba? Ate nga mu Bayibuli kukyalimu nga bwe kwawandiikibwa. Mukiraba?

<sup>112</sup> Kati, Rooma tebakuyita “kussa kimu.” Bagiyita “mmisa, emmisa entukuvu.” Bo tebalya kussa kimu, bafuna kitambiro kya mmisa. Eba mmisa, ate emmisa eggirawo ddala amakulu g’okussa ekimu. *Emmisa* kitegeeza “okusuubira.” Bafuna ekitambiro ky’emmisa, nga basuubira (nti mu kukola kino mu mmisa) nti Katonda anaabasonyiwa ebibi byabwe, olw’okulya “omubiri gwennyini ogwa Kristo, omusaaseredooti gw’akyusa n’agufuula Omubiri n’Omusaayi ebya Kristo,” ne babiryia, nga basuubira nti Katonda anaasangulawo ebibi byabwe okuyita mu kukola ekyo. Kiba kitambiro kya mmisa.

<sup>113</sup> Ate ab’enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki bakuyita “kussa kimu.” Okussa ekimu kitegeeza “kwebaza.” Ow’enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki... Omukatuliki afuna ekitambiro ky’emmisa, mu mmisa eyo nga asuubira nti Katonda anaasonyiwa ebikolwa bye ebibi. Ate ow’enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki akikola yeebaza olw’ekyo ekyaggwa okukolwa mu kussa ekimu ne Katonda; nga assa ekimu Naye, nti kyaggwa okukolebwa. Omukatuliki aba asuubira nti kinaakolebwa; ate ow’enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki ye agamba kyaggwa okukolebwa. Omukatuliki aba yeewuunya oba nga ebibi bye byasoniyibwa; ow’enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki ye aba ayatula nti yasoniyibwa, wa ddembe. Era okulya okussa ekimu kwe kussa ekimu ne Katonda. Era ebintu bino bye tulya, tetubiryia nga *tusuubira* nti ebibi byaffe binaatusonyiyibwa, wabula byatusonyiyibwa *dda*. Kubanga... Ekimu ssuubi; ate ekirala kukkiriza. Omu aba asuubira nti mutuufu; ate omulala nga akimanyi nti mutuufu. Mukiraba? Oli omulala, omu asuubira, kubanga tamanyi w’ayimiridde; ate omulala amanyi nti mutuufu, kubanga amanyi Katonda kye yayogera. Ky’ekyo. Eyo y’enjawulo. N’olwekyo, bw’oba okyasuubira busubizi, weegendereze; naye bw’oba omanyi, awo genda mu maaso. Olaba, awo obeera mu kussa ekimu ne Katonda. Ow’enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, agamba yasoniyibwa era akimanyi; ate Omukatuliki afuna ekitambiro ky’emmisa, nga asuubira nti anaasonyiyibwa. Kiri bwe kiti: omu musabiriza, alina essuubi nti buli kimu kinaaba bulungi, mukiraba; ate omulala musabiriza eyeebaza olw’ekyo ekyaggwa edda okukola. Bombi basabiriza. Naye omu asabiriza, nga alina essuubi nti anaakifuna; ate omusabiriza oli omulala ye akimanyi nti akirina, era yeebaza Katonda olw’okukimuwa. Kaakati, awo we wali enjawulo. Okwo kwe kussa ekimu. Yee, ssebo. Omu aba n’essuubi nti anaasonyiyibwa; nga omulala akimanyi nti yasoniyibwa, era akyebaliza.

<sup>114</sup> N’olwekyo, okulya okussa ekimu kwa Bakristaayo abaazaalibwa omulundi ogw’okubiri n’Omwoyo wa Katonda. Ate *okuzaalibwa* *omulundi* *ogw’okubiri* tekitegeeza kuba

nti wafuna Omwoyo Omutukuvu. Kati ekyo mukijjukire. Kati, bangi bwe batyo bwe bayigiriza. "Simanyiyo muntu yenna akiyigiriza bw'ati," nga Ow'oluganda Arganbright bwe yagamba ekiro ekyo bwe yali wano ku kituuti, mukiraba. Naye, okuzaalibwa obuggyga si kwe kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Ekyo Ebyawandiikibwa tebikiwagira, sirowooza nga bikiwagira, mukiraba, nze nga bwe nkiraba. Mukiraba? Nzirkiriza nti ozaalibwa omulundi ogw'okubiri . . .

<sup>115</sup> Era eyo y'ensonga Iwaki nkokesa ekigambo okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, naye si olw'okuzaalibwa obuggyga. Kati, Abapentekoote, ab'ekkanisa ya United Pentecostal, babatiza mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuzaalibwa obuggyga. Ekyo ssikkiriza. Naye basobola okukikola bwe baba baagala. Naye nzirkiriza nti Peetero yagamba nti, "Mwenenye," okusooka. Amazzi tegaggyaawo bibi. Ab'enzikiriza y'Ekklesia ya Kristo be babuuilira bwe batyo. Naye nzirkiriza nti okwenenya, okunakuwala okw'Obwakatonda; *okwenenya* kutegeeza "kyuka, oddeyo," wasubwa ekiruibirwa, "ddamu otandike buto." Sooka okole ekyo! Era okubatizibwa kwo mu mazzi kaba kabonero buponero ak'okungulu ak'ekintu ekiba kikoleddwa munda mu ggwe, akalaga nti okkirizza Kristo nga Omulokozi wo.

<sup>116</sup> Nsuubira abali wano akawungezi ka leero bona ba wano mu kkanisa, okusinziira nga bwe mmayi, sitera kubera wano kumanya ani mmemba wa wano n'ani atali. Banvunaana wano gye buvuddeko olw'okubatiza omusajja wano mu kidiba, omusajja omukulu mu myaka. Era nnagenda gy'ali, yali musajja omukulu era omuntumulamu. Nnafuna omukisa okukulembera amaka ge gonna eri Kristo, kati bona Bakristaayo. Kati musajja mukulu ono yali musajja mulungi, era nnamwagala, kye nnava njenda gy'ali ne mmubuuza nti, "Muzeeyi, Iwaki tofuuka Mukristaayo?" Anjagala.

<sup>117</sup> N'aŋjamba nti "Ow'oluganda Branham, nja kufuuka Omukristaayo nga mmaze okufuuka omuntu omulungi ekimala."

<sup>118</sup> Kye nnava mmugamba nti, "Leka nkubuilire ky'oba okola, Muzeeyi. Njagala onoonye buli wamu wonna okutuusa lw'onoozuula w'osobola okubeerera omulungi ekimala, ombuulire ekifo ekyo we kiri, nange, nnandyagadde okugendayo." Ne mmugamba nti, "Kristo teyajja kulokola bantu balungi. Yajja kulokola bantu ababi." Bwe weerowooza nti oli mulungi, kitegeeza teyajjirira ggwe. Yajja kulokola abo b'Amanyi nti babi. Mukiraba? Kristo yafa kulokola boonoonyi. Okiraba? Kye nnava mmugamba nti, "Muzeeyi, wano eno waliwo olukoloboze."

N'agamba nti, "Naye, nze nnanywa sigala ono."

Ne mmugamba nti, "Sigala ssigenda na kumwogerako."

N'agamba nti, "Ngezezzaako okumuvaako, Ow'oluganda Branham."

Ne mmugamba nti, "Kale, naye tetugenda kwogera ku sigala."

N'agamba nti, "Naye, singa nnaasobola . . ."

<sup>119</sup> Ne mmugamba nti, "Ebya sigala to—toddamu na kubyogerako, biveeko. Njagala mbeeko ne kye nkubuuza."

N'agamba nti, "Kale, kiki?"

Ne mmubuuza nti, "Okkiriza nti waliyo Katonda?"

<sup>120</sup> N'agamba nti, "Mazima ddala, nkikkiriza." N'agamba nti, "Ekyo, ndabika nkikkiriza nga naawe bw'okikkiriza, Ow'oluganda Branham."

<sup>121</sup> Ne mmubuuza nti, "Okkiriza nti Katonda y'omu oyo yava mu bwakatonda Bwe n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli mu muntu ayitibwa Yesu Kristo, okusobola okulokola omuntu?"

N'agamba nti, "Weewaawo, ekyo nkikkiriza."

"Era Yafa okulokola aboonoonyi nga ggwe nange?" Okiraba?

"Weewaawo, ekyo nkikkiriza."

<sup>122</sup> Ne mmugamba nti, "Kati, kiri bwe kit. Fenna tuli wano eno mu kizimbe kino ekinene, era tuli mu kkomera, era siyinza kuyimirira mu nsonda eno wano ne ηjamba nti 'kino kijja kunnyamba okunzigya mu kkomera,' oba okuyimirira mu nsonda eri wali ne ηjamba nti 'ekyo kijja kunnyamba okuva mu kkomera,' fenna tuli mu kattu ke kamu. Era buli muntu yenna eyazaalibwa mu nsi eno yazaalibwa mu kibi, n'abumbibwa mu bujeemu, n'ajja mu nsi nga ayogera bulimba. Kyewaggula, okusooka kwa byonna."

<sup>123</sup> Luli waliwo eyabuuza, nti, "Ow'oluganda Branham, ssinga . . . wandibaddewo enjawulo yonna wakati wa Adamu ne Kaawa, wamu n'abaana baabwe olwa leero, singa bona baba nga tebambadde ngoye, nga batambula mu . . . E—emibirri gyabwe gyandibadde gifaanagana?"

<sup>124</sup> Ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo." Twali tuva kuyigga kaamuje nga tukomawo awaka, nze n'Ow'oluganda Fred, n'abalala abawerako. Ne mmugamba nti, "Nedda, tegyandibadde gye gimu."

<sup>125</sup> N'ambuuza nti, "Ky'otegeeza Kaawa teyandibadde mukazi nga bawala be, ne Adamu teyandibadde musajja nga batabani be?"

Ne mmugamba nti, "Bandibadde bafaanagana mu ngeri nnyingi, naye si mu ngeri zonna ez'omubiri."

N'ambuuza nti, "Enjawulo yandibadde wa?"

<sup>126</sup> Ne mmugamba nti, “Tebandibadde na kkundi. Bo baatondebwa butondebwa. Kituufu. Tebaalina kakwate na kintu kyonna.”

<sup>127</sup> Ekkundi eryo kasita liba ku kintu kyonna ekizaalibwa mu nsi muno, kiraga nti ekintu ekyo ki kyewaggula, okusooka kwa byonna. Bwe kiri. Ne ηjamba nti, “Weewaawo, waliwo enjawulo. Tebandibadde na kkundi. Tebaalina kakwate konna na kitonde kikazi, okusobola okujja wano.” Mukiraba, Katonda yabatonda butonzi.

<sup>128</sup> Kati, kye nnava ηjamba omukadde ono nti, “Waliwo kye njagala okwogera. Ku buli muntu yenna ali mu kkomera lino, ani mutukuvu? Ani ataazaalibwa kuyita mu kwegatta kwa mukazi na musajja? Ani ayinza okuyamba munne, k’abeere atya? Fenna tuli mu kkomera lino lye limu. Naye Katonda yekolera ye Kennyini ekimu ku bitonde Bye n’ajja nga tayise mu kwegatta kwa mukazi na musajja, okuyita mu Musaayi omutukuvu gwe yeetondera Ye mwene, era okuyita mu Musaayi ogwo Yatununula.” Ne mmubuuza nti, “Ekyo okikkiriza, Muzeeyi?”

N’agamba nti, “Nkikkiriza.”

<sup>129</sup> Ne mmugamba nti, “Kristo yafiirira bantu ababi nga ggwe. Kati, waliwo engeri emu yokka ey’okukikolamu. Tewali ky’oyinza kukola. Ye akikuwa buwa. Tosobola kukigwanira. Tolina ky’oyinza kukola kukifuna. Akikuwa buwa. Onakkiriza kye Yakukolera, okukuwonya okugenda mu ggeyeena?”

<sup>130</sup> N’agamba nti, “Ekyo nja kukikola.” N’agamba nti, “Naye ssinga nva ku ssigala ono.”

<sup>131</sup> Ne mugamba nti, “Sigala ajja kwerabirira. Ggwe... Sikusaba. Nze sigoberera mateeka. Nzirkiriza mu kisa. ‘Era abo bona Kitange be yampa bajja kujja Gyendi.’” Ne mmugamba nti, “Ekyo bw’oba okikkiriza n’omutima gwo gwonna!”

N’agamba nti, “Nkikkiriza, n’omutima gwange gwonna.”

<sup>132</sup> “Kati onaakikkiriza nga osinziira ku musingi ogwo, nti tokigwanira, naye Ye y’asaanidde? Tweetunuulira; tunuulira Ye, kubanga ku bubwo tolina ky’oyinza kwekolera. Tunuulira Oyo alina kye yakukolera. Omulowoozaako ki?”

N’agamba nti, “Ha, Asaanidde.”

Ne ηjamba nti, “Ky’ekyo kyenniyini, kati kkiriza ky’Akuwa.”

N’agamba nti, “Nkikkiriza.”

<sup>133</sup> Ne mmubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo. Olwali okuva mu mazzi n’agenda n’akoleeza omunwe gwa sigala.

<sup>134</sup> Wiiki ntono ezaakayita nnaliko mu kitundu ky’ewabwe. Lumu ekiro nnalaba okwolesebwa, okw’omuti ogutawotoka makoola nga gutemeddwa, ne bagusulika. Ne ndaba nga bagukomereddeko embaawo n’emisumaali. Awo ku lubaawo olwali luddirira olusembayo waaliwo olubaawo olw’enjawulo.

Naye wansi w'olubaawo olwo, nga gye lusemba, nga ogenda *bw'oti*, omuti ne gumenyekera awo. Eddoboozi ne ligamba nti, "Oyo abadde alina kuba ggwe," manyanga, "Yandibadde ggwe." Era Muzeeyi Cox n'agwa, n'abetenta omugongo gwe *wano* eno. Enkeera ne bamuleetera sigala we bwe yali ku kitanda, naye nga takyalina kuyaayaana kwa kunywa sigala. Wayiseewo wiiki nga ziizo! Taddangamu kukomba ku munwe gwa sigala, n'okumwagala tamwagala yadde ekintu kyonna. Mukiraba? Kyokka nga nnali nnamulabako gye buvuddeko, nga ebibatu bye byonna byamyuka, olwa sigala, wiiki ntono nga ekyo tekinnabaawo, naye nga kati takyayagala wadde omuntu anywa sigala okumusemberera. Kulembeza ebintu ebisooka! Togezaako kuba mulungi; oli mubi, okusooka kwa byonna, era tolina kyoyinza kukikolera. Waliwo omusittale ogwawula, era abantu bona bali ku ludda luli.

<sup>135</sup> Kati, bwe nnazaalibwa mu nsi eno, nnazaalibwa mu bufumbo obutukuvu, wakati wa maama ne taata wange; mu nda ya maama mwalmu eggı, ate mu busekese obwali mu kitange mwalmu akataffaali k'omusaayi. Obulamu bwange bulimu kataffaali ako ak'omusaayi (so si ggi lya maama wange), wabula kataffaali ka taata wange ak'omusaayi. Era akataffaali k'omusayi ako bwe kaagenda mu kifo ekituufu okusisinkana eggı, era bwe kaalisisinkana, Katonda n'alagira obutonde okumpa omubiri. Era okuva awo ne nzaalibwa mu luse lw'abantu, ne mpeebwa omukisa o—ogw'okufuuka omuntu ategere nga abantu bona bwe bali, ne nsobola okuvuga emmotoka, oba okukola ebintu nga abantu bwe bakola, okutambula, okwogera, okuvuga emmotoka, n'ebirala. Kyampeebwa, kubanga nnazaalibwa mu luse lw'abantu, era ne mpeebwa amaanyi ag'okutegeera okusobola okubeera omuntu.

<sup>136</sup> Kati, bwe nnazaalibwa mu maka ga Katonda, nnajja kuyita mu Musaayi, Omusaayi gwe gwampa Obulamu. Era bwe nnamala okufuuka omulamu mu Kristo, Yambatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'amaanyi, okubeera omwana wa Katonda. Kati, kiringa bwe nnyinza okutambula, ne njogera nga omuntu bw'ayogera, ne nvuga emmotoka yange nga omuntu, kati nange bwe nnafuna Omwoyo Omutukuvu, nafuna amaanyi okugoba emizimu, okwogera mu nnimi empya, okubuulira Enjiri, okuwonya abalwadde. Nnabatizibba! Ssaazaalibwa; naye nnabatizibwa!

Baali bakunjaanye wamu mu kisenge ekya  
waggulu,  
Bonna nga basaba mu Linnya Lye,  
Ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu,  
Era amaanyi ag'okuweereza ne gajja.

<sup>137</sup> Amiina. Okkiriza olw'okufuna Obulamu Obutaggwaawo, n'ozzaalibwa ogw'okubiri olw'okukkiriza kwo. Yesu yagamba, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 5:24 nti, "Oyo awulira

Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina obulamu obw'emirembe n'emirembe," si Mwoyo Mutukuvu, wabula alina obulamu obw'emirembe n'emirembe. Azaaliddwa mu maka ga Katonda. Okuva awo n'abatizibwa okuyingira mu Mwoyo Omukutuvu, n'amaanyi ag'okutegeera okw'okukkiriza, okukkiriza Enjiri n'okugikozesa n'okugireetera okukola by'Erina okukola. Amiina. Olwo ne yeeyisa nga omwana wa Katonda. Olwo n'asobola okugoba emizimu. Yesu yagamba nti, "Obubonero buno bunaabagobereranga!" Mukiraba? "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu, banaayogeranga ennimi empya, banaakwatanga emisota, banaanywanga ebantu ebitta." Mukiraba, afuna amaanyi ku bw'Omwoyo Omukutuvu, okusobola okukola ebantu bino.

<sup>138</sup> Kati, bwe Yagenda, Yagamba nti, "Kinjwanidde Nze okugenda. Kubanga, bwe Sigenda, Omwoyo Omukutuvu talijja." Mukiraba? Kati bw'Alijja, Alirumiriza ensi olw'ekibi, era ayigirize obutuukirivu, abalage n'ebigenda okujja (okwo nga kwe kwolesebwa). "Ajja kuddira bye Nnabayigiriza, abibabikkulire." Ebigambo byennyini bye Yajja... Tewali muntu yenna ayinza kutegeera Kigambo awatali kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Era omuntu bw'agamba nti alina okubatizibwa kw'Omwoyo Omukutuvu, naye n'awakana nga agamba nti Ekigambo si kituufu, wabaawo ekikyamu.

<sup>139</sup> Pawulo yali muntu akolokota Endagaano Empya. Nedda teyali yo, Endagaano Empya yali tennawandiikibwa. Pawulo yali muntu akolokota Obukristaayo, bwe yali Sawulo. Naye bwe yafuna Omwoyo Omukutuvu, yagenda mu Asiya n'amalayo emyaka esatu ne yeekaliriza Ebyawandiikibwa, kubanga yali yayigirizibwa Gamalyeri, omuyigiriza ow'amaanyi. Oluvannyuma bwe yakomawo, waayitawo emyaka kkumi n'ena, n'agenda okusisinkana Peetero e Yerusaalemi, n'akizuula nti baali bakwatagana Kigambo ku Kigambo nga babuulira Enjiri y'emu. Katonda y'omu eyaleeetera Peetero okubuulira ku lunaku lwa Pentekoote n'abagamba beenenye era babatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwoyo Omukutuvu y'omu oyo yakibikkulira Pawulo, n'abagamba mu Bikolwa by'Abatume 19 ate nga baali baabatizibwa Yokaana, n'abagamba nti, "Mulina okuddamu ne mubatizibwa, mu Linnya lya Yesu Kristo." Mukiraba?

<sup>140</sup> Olaba, Omwoyo Omukutuvu anywerera ddala ku Byawandiikibwa. Okuba n'okukkiriza mu Byo kwe kusumulula buli kyama. Amiina. Bayibuli egamba, mu Yokaana Ekisooka 5:7 nti, "Waliwo basatu abategeeza, mu Ggulu: Kitaffe, Ekigambo (nga ye yali Kristo), n'Omwoyo Omukutuvu. Abasatu bano bali Omu." "Era waliwo bisatu ebikakasa mu nsi: amazzi, Omusaayi, Omwoyo. Bino ebsatu tebiri omu, naye bikkiriziganya mu kimu." Kati, tosobola kuba na Kitaffe nga tolina Mwana, tosobola kuba na Mwana nga tolina Mwoyo Mutukuvu; Bali

Omu. Naye osobola okuba nga waggyibwako omusango naye nga totukuzibwanga, era osobola okuba nga watukuzibwa naye nga tolina Mwoyo Mutukuvu. Okutukuzibwa kukolebwa Musaayi, olwo okuyita mu Musaayi ne wajja Obulamu. Mukiraba? Era Omwoyo Omutukuvu ge maanyi ga Katonda, mukiraba, amaanyi agaaweebwa ekkanisa.

<sup>141</sup> “Muliweebwa” (kiki?) “amaanyi,” Ebikolwa by’Abatume 1:8, “Omwoyo Omutukuvu bw’alibakkako. Muliweebwa amaanyi!” (Si “mulizaalibwa ogw’okubiri.”) “Muliweebwa amaanyi Omwoyo Omutukuvu bw’alibakkako. Okuva awo muliba bajulirwa Bange mu Yerusaalemi, mu Buyudaaya, ne mu Samaliya, n’okutuuka ku nkomerero z’ensi.” Okiraba? Ofuna amaanyi nga omaze okufuna Omwoyo Omutukuvu. Naye okusooka oteekwa okufuna Omwoyo Omutukuvu, era ago ge maanyi ga Katonda, okiraba, okwoleka wamu n’okulaga. Naawe—naawe...bwe wafuuka omuntu, n’oyiga okwogera n’okutambula n’okukola ebintu omuntu by’akola; bw’obatizibwa n’Omwoyo Omutukuvu, oweebwa amaanyi okukola nga abaana ba Katonda ab’obulenzi n’ab’obuwala. Tekyewuunyisa okuba nti abantu beeyisa era ne bakola nga bwe bakola leero, tebajjuzibwanga Mwoyo Mutukuvu. Singa babadde bajjuzibwa, bandyeyisizza mu ngeri ya njawulo. Bagamba bamulina, naye Yesu yagamba nti, “Mulibategeerera ku bibala byabwe.” Kati oyinza otya okukikola, okiraba, byonna kavuyo keereere. Okiraba? Naye komawo eri ebituufu!

<sup>142</sup> Kati, bw’oba otambulira mu bugolokofu era nga oyatula nti oli Mukristaayo, tukwaniriza akawungeezi kano ku mmeeza ya Mukama waffe. Leero, nkakasa, nga wabaddewo okulya okussa ekimu okwetooloola eggwanga lyonna, abamu bakikoze mu ngeri emu n’abalala mu ngeri endala. Naye ndowooza engeri esinga okuba entuufu gye kiyinza okukolebwamu kwe kugoberera Ebyawandiikibwa, mu ngeri yennyini gye baakikolamu mu Byawandiikibwa. Ekyo ndowooza nga kinaamala.

<sup>143</sup> Olina Bayibuli yo, Ow’oluganda Neville? Kaakano Ow’oluganda Neville agenda kusoma Ebyawandiikibwa.

[Ow’oluganda Neville agamba nti, “Mu ssuula ey’e 11 ey’Abakkolinso Ekisooka, okutandikira ku lunyiriri olwa 23:”— Omuk.]

*[Kubanga nze nnaweebwa eri Mukama waffe era ekyo kye nnabawa mmwe, nga Mukama waffe Yesu mu kiro kiri kye yaliirwamu olukwe yatoola omugaati:]*

*[Ne yeebaza, n’agumenyamu, n’ayogera nti, Mutoole, mulye; guno gwe mubiri gwange oguli ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo olw’okunjijukiranga nze.]*

*[Era n’ekikompe bw’atyo bwe baamala okulya, ng’ayogera nti, Ekikompe kino y’endagaano empya*

*mu musaayi gwange: mukolenga bwe mutyo, buli lwe munaanywangako, olw'okunjijukiranga nze.]*

[*Kubanga buli lwe munaalyanga ku mugaati guno, ne lwe munaanywanga ku kikompe kino, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.*]

[*Kyanaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe, buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde.*]

[*Naye omuntu yeekeberenga yekka alyoke alye ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe.*]

[*Kubanga alya era anywa, alya era anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri gwa Mukama waffe.*]

[*Mu mmwe kye muvudde mubeeramu abanafu n'abalwadde, era bangiko abeebaka.*]

[*Naye singa twesalira omusango, tetwandisaliddwa musango.*]

[*Naye bwe tusalirwa omusango, tubuulirirwa Mukama waffe, tuleme okusingibwa omusango awamu n'ensi.*]

[“Mukama awe omukisa okusoma kw’Ekigambo Kye.”]

<sup>144</sup> Bulijjo kiba kintu kitukuvu, kintu kitukuvu nnyo, ndwoozza tusaanye tukoteke ku mitwe gyaffe tusabe mu kasirise. Munsabire, nange nnjenda kubasabira. Leka buli omu asabire munne, Katonda abeere wa kisa gye tuli ffe ebitonde ebitasaanidde abanaatera okwetaba ku mukolo guno omutukuvu nga tujjukira okufa kwa Mukama waffe.

<sup>145</sup> [Ow’oluganda Branham asiriikirira mu kusaba okw’akasiriikiriro. Ebbanga ejereere ku lutambi—Omuk.] Okusaba kuno okw’okwatula tukuwaddeyo gy’Oli, ayi Kitaffe, ku kyoto Kyo eky’omuwendo, ne Ssaddaaka yaffe, Mukama waffe Yesu. Tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

<sup>146</sup> Kati nzikiriza abakadde bajja kuyimirira mu bifo byabwe, era ba...ab’ekkanisa, era bajja kuleeta abantu nga bwe bajja, lunyiriri ku lunyiriri, okulya okussa ekimu. Bulijjo lowoozanga ku luyimba olwo:

Ayi Omwana gw’endiga ogwafa, Omusaayi  
Gwo ogw’omuwendo  
Teguliggwamu maanyi gaagwo,  
Okutuusa Ekkanisa ya Katonda eyanunulibwa  
yonna  
Lw’erirokolebwaa, obutaddayo kwonoona.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

<sup>147</sup> Kitaffe ow’ekisa era Omutukuvu, Yakuwa, Omuyinza w’ebintu byonna, weereza emikisa Gyo ku bantu Bo nga bwe tulindirira. Tusonyiwe ebibi byaffe. Era kaakano tuwaayo

gy'Oli omukolo guno omutukuvu, enviinyo eno, emizabbibu egyalimibwa, era egisogoddwa emikono gy'abawereza. Ne muvaamu enviinyo ne tusobola okugireeta gy'Oli olw'ekigendererwa kino, esobole okukiikirira gye tuli Omusaayi gwa Mukama waffe Yesu Kristo. Nkusaba, ayi Kitaffe, otukuze enviinyo olw'ekigendererwa ekyo. Tusonyiwe buli kibi. Era leka buli anaanywa ku nviinyo eno mu mubiri gwe, afune obulamu obulungi, amaanyi n'obulokozi okuva gy'Oli. Kituwe, ayi Mukama. Tukisabye mu Linnya lyu Yesu. Amiina.

<sup>148</sup> Bayibuli egamba nti, bwe Yamenya omugaati n'agusabira omukisa, n'agamba nti, "Mutoole mulye, guno gwe Mubiri Gwange ogwabetentebwa ku lwammwe. Kino mukikolenga olw'okunzijukiranga Nze." Era bwe tulya obutundutundu buno obw'omugaati, ogwabetentebwa, ogutaliimu kizimbukusa, gukolebwa Bakristaayo, gukolebwa kubanga gu-gukiikirira Omubiri gwa Kristo. Tumanyi nti-nti baali bayigirizwa abaaliwo mu biseera bya Kristo, manya mu biseera by'ekkanisa, be baatwala ebintu bino ne bateekateeka ekyeggulo ku kyeggulo ekyasembayo, ku kyeggulo kya Kristo ekyasembayo. Era okuyita mu Bayibuli, baali bayigirizwa be baaweerezanga ebintu bino eriabantu. Ne leero, abayigirizwa ab'ekiseera kyaffe, baganda baffe wano mu kkanisa, abayigirizwa ab'Ensongo eno, be baweereza eriabantu. Kale bagenda kutwala ebitundu bino babiwe abantu.

<sup>149</sup> Era kati bw'ofuna omugaati guno, jjukira nti, gukiikirira Omwana gw'endiga. Edda ennyo omwana gw'endiga ogwa Isiraeri bwe gwayokebwa ku muliro, ne bagulya wamu n'enva ezikaawa, abantu baafuna amaanyi; engatto zaabwe tezaakaddiwa, engoye zaabwe tezaakunjubuka kufuuka nziina, okuyita mu lugendo lwabwe lwonna okutuusa lwe baatuuka mu nsi ensuubize. Nsaba Katonda atukuume mu bulamu obulungi, nga tuli basanyufu, tumuweereze okutuusa lwe tulituuka mu Nsi Ensuubize gye Yatuwa.

Leka tusabe.

<sup>150</sup> Kitaffe ow'ekisa ow'omu Ggulu, nga bwe njogedde akawungeezi kano ku Mubiri ogwo Omutukuvu, Omubiri gwa Mukama waffe ogwatukuzibwa, mu Oyo omwali obulamba bwa Katonda bwonna, bwe ndowooza ku Mubiri ogwo nga gumaze okuzingibwa ne-ne gubetentebwa, Omusaayi ne gutiriika ne guvaamu, omugongo Gwe n'embiriizi Ze nga bipeeruuse, olwa kibooko ezaamukubwa ku mugongo Gwe, bwe ndowooza ku mugaati guno ogukubiddwa, era ogwefunyizza gukiikirira ogwo, gukomawo nate mu mitima gyaffe, tuteeka emitima gyaffe, ayi Mukama, ku wolutaali Yo akawungeezi kano. Tusonyiwe, Ai Katonda. Era leka omugaati guno ogumenyeddwa, nga bwe gugenda mu kamwa ka bano, abaddu Bo, era leka bategeere nti gwali Mubiri Gwo ogw'omuwendo ogwakubibwa era ne gufumitibwa, era olw'emiggo tuwonyezebwa. Kituwe, ayi Mukama. Tukusaba

otukuze omugaati guno ogutazimbulukusiddwa gukole ekigendererwa kyagwo. Tusabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Musooke mulindeko katono.

<sup>151</sup> Si kusembera kwa balondemu. Buli mukkiriza Omukristaayo ayanirizibwa okujja ku mmeeza ya Mukama waffe, okugabana naffe okussa ekimu kuno . . . ? . . . 

62-1007 Ekisumuluzo Ky'Oluggi  
mu Kkunjaaniro ly a Branham  
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS  
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.  
[www.branham.org](http://www.branham.org)

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebantu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

[www.branham.org](http://www.branham.org)